# Leero Ekyawandiikibwa Kino Kituukiridde

Musobola okusigala nga mukyayimiridde, bwe muba musobola, nga bwe tukoteka emitwe gyaffe okusaba.

2 Ayi Kitaffe ow'omu Ggulu omwagalwa, tukwebaza nnyo nnyini olwa guno, omukisa omulala ogw'okujja okuleeta Enjiri ya Yesu Kristo eno ey'ekitiibwa, era etenkanika. Tukwebaza kubanga Asigala bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Tukwebaza olw'abantu bano abakuŋŋaanye wano mu mbeera y'obudde buno obunnyogovu, naye era nga bakyalina okwesunga n'okusuubira okutayogerekeka, nga balindirira, nga bakkiriza nti waliwo ekintu ekitali kya bulijjo ekigenda okutuweebwa okuva eri Katonda. Essuubi eryo tujja nalyo, Mukama, mu buli lukuŋŋaana. Tukwebaza olw'enkuŋŋaana, ezaaliwo akawungeezi ka luli, mu kkuŋŋaaniro; tukwebaza olw'olukuŋŋaana olwabadde wano akawungeezi k'eggulo, n'olw'olukuŋŋaana lwa leero, mu kkuŋŋaaniro. Kaakano tulindiridde ky'Otutegekedde akawungeezi kano.

3 Kitaffe, tumanyi nti omuntu yenna asobola okuseetula emikono gye asobola okubikkula emiko gy'empapula za Bayibuli, naye waliwo Omu yekka Asobola okugifuula ennamu era eya nnamaddala, era nga ye Ggwe. Era, Kitaffe, Ggwe gwe tutunuulidde okole ekyo akawungeezi kano. Tuwe omukisa mu buli ngeri. Emitima gyaffe gijjudde essanyu nga bwe tulaba ekiseera nga kisembera lwe tuligenda okumusisinkana, maaso ku maaso, Oyo gwe twagaddenga era gwe tubaddewo ku lulwe emyaka gino gyonna.

4 Waliwo abantu bangi, ayi Mukama, abakyuuse okudda gy'oli. Tutegeddeko nti waliwo ekibinja ky'abantu ekinene, nga amakumi ana oba ataano, ab'okubatizibwa mu Linnya Lyo, ku makya, abaalokokedde mu lukuŋŋaana lw'akawungeezi k'eggulo. Ayi Katonda, tukwegayirira nga tusaba, ekyo kyeyongere mu maaso, okutuusa nga buli Nsigo ya Katonda eyayawulibwa erabye Omusana gw'Enjiri, era nga eyingidde mu kisibo.

5 Tukusaba otukweke emabega w'Ekigambo akawungeezi kano; ozibe amaaso gaffe eri ebintu by'ensi, wabula Yesu gwe tuba tulaba. Leka ekyo ekyaliwo ku Lusozi olw'Okufuusibwa kibeewo mu makkati gaffe, akawungeezi kano, tuleme kulaba muntu mulala yenna okuggyako Yesu yekka. Tukisabye mu Linnya Lye, era ku lw'ekitiibwa Kye ne ku lw'okukakasibwa kw'Enjiri Ye. Amiina.

Muyinza okutuula.

6 Akazindaalo kano ŋŋenda kukakyusaamu, manya emmeeza eno ey'ekituuti, katono nnyo ku mabbali, bwe kiba tekirina buzibu, nsobole okulaba enjuyi zombi ez'ekibiina. Ndowooza obuzindaalo buno nsobola okubuzza erudda wano bwenti. Kale, lindako katono.

7 Tutuusa okulamusa kwaffe, okuva wano mu kizimbe mwe tukuŋŋaanidde akawungeezi ka leero, eri mikwano gyaffe abali mu Arizona, California, Texas, n'okwetooloola wonna mu Amerika, abayungiddwa ku mpewo okuyita ku lukomo lw'essimu. Luno—luno luwulirwa wonna mu ggwanga, olukuŋŋaana luno akawungeezi kano, okuyita mu lukomo lw'essimu, kale tukkiriza nti Katonda anaatuwa omukisa.

8 Muwulira, abali eri emabega e—ekizimbe gye kikoma ku kkono? Kale, kati bagenda kukebera olukomo lw'essimu, okulaba oba nga lukola bulungi.

9 Buli omu musanyufu akawungeezi kano? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Bwe kiba kityo, ekyo kirungi! N'ab'oku ludda *luno*? ["Amiina."] Amiina. Ndi musanyufu nnyo okulaba nti mwenna mutudde ntende.

10 Kati n'enkya akawungeezi, abantu bwe baneeyongera obungi, era bajja kutegekawo olukomo lw'essimu oluweereza butereevu okuva wano. Ne leero kweruli. Ndowooza waliwo abamu abali emmanga eri mu kkuŋŋaaniro.

11 N'ekirala, enkya ku makya, enkuŋŋaana tekijja kusoboka kuba nazo mu kkuŋŋaaniro, kubanga o. . . wajja kubaayo omutimbi nga atimba ekkanisa olw'embaga enaabaawo enkya emisana. Kale e—enkuŋŋaana baazikyusizza ekifo, ez'okubaawo ku makya, ne bazitwala engulu mu kkanisa y'Ow'oluganda Ruddell, omu ku be tukolagana nabo, engulu eri ku—ku luguudo olunene, 62. Kyalangiddwa? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kyalangiddwa. Eyo, nayo bwe wanajjula ne wabooga olw'obungi bw'abantu, abanaaba bafikidde tujja kubatwala tubeeko omuweereza omulala gwe tusindika emmanga ewa Ow'oluganda Junior Jackson, emmanga mu Clarksville. Ensonga lwaki twazitutte ewa Ow'oluganda Ruddell, lwa kuba wali kumpi ne wano, era tusobola. . . era twalowoozezza nti wajja kubanguyira. Kale tujja kubaako engeri gye tuzikwasaganyaamu. Era tukakase nga abantu abo bonna babatizibwa enkya, era nsuubira wajja kubaawo n'abalala nga kikumi oba bibiri abeeyongedde ku abo ab'okubatiza enkya. Kati n'ekirala akawungeezi k'enkya. . .

12 Sitera kwagala kulanga kintu kyonna kye nja kubuulirako mu biseera eby'omu maaso, naye akawungeezi akamu mu lukuŋŋaana, oba lumu emisana, njagala mbuulire ku ky'okuyigako ekigamba nti: *Merukizeddeeki Ono y'Ani?* Kubanga, kya—kyakuyigako kye ndowooza nti tuli mu kiseera

nga okubikkulirwa kuno okutali kumu na kumu okuzze kubaawo, wabaddengawo ekibuuzo okuyita mu mirembe egizze giyita, ekyebuuzibwa nti, "Omuntu ono y'Ani?" Era nzikiriza nti Katonda alina eky'okuddamu, eky'Omuntu Ono kye yali. Abamu baagamba nti, "bwali bwakabona," abalala ne bagamba nti, "yali kabaka," abalala . . . Naye walina oku . . .

13 Kasita wabaawo ekibuuzo, wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu, eri ekibuuzo ekyo. Tewasobola kubaawo kibuuzo nga tewali kyakukiddamu.

14 Kaakati, tukkiriza nti Katonda anaatuwa omukisa akawungeezi kano okuva mu Kigambo Kye, nga bwe tukisoma.

15 Era mubadde ne . . . Billy yaŋŋambye mbagambe nti mukolaganye bulungi nnyo n'abantu ba wano ababadde bakola ku by'okusimba ebidduka, abapoliisi n'abalala bonna. Mweyongere okukola bwe mutyo; ekyo kirungi nnyo, ddala.

16 Tusuubira okulaba ekiseera, oba oli awo mu biseera by'omu maaso awo, we tusobola okuleeta weema wano mu kibuga ne tugisimba wano mu kisaawe ky'emizannyo, mwe tusobola okumala ekiseera ekiwanvuko, nga kya wiiki ssatu oba nnya, ez'enkuŋŋaana z'okudda obuggya, ez'omuddiriŋŋanwa. Naye wano tuba twakatandika okumanyagana, ate ne tuba nga tulina okusiibulagana tuddeyo. Naye nnandyagadde lumu okujja mbeere wano okumala ekiseera ekiwanvu ddala, we tusobola okusiisira nga tetulina kuggalawo luvannyuma lwa kiro kimu oba bibiri, naye ne tusigalawo ne tuyigiriza, emisana n'ekiro, emisana n'ekiro, ne tweyongera mu maaso bwe tutyo. Nga oba ali awo oli addayokko eka n'awa enkoko emmere, n'akama ente, n'akomawo wiiki eddako ne yeeyongera mu maaso n'olukuŋŋaana. Ekyo—ekyo nkyagala. Kale Mukama abeere nammwe.

17 Kati, nga sinnagenda, oba oli awo ku Ssande ku makya oba ku Ssande akawungeezi, oba ekiseera ekimu kyonna, mu lumu ku nkuŋŋaana zino, mmanyi mwenna mulindiridde okuwulira Obubaka ku Mazima agakwata ku *Kufumbiriganwa n'Okwawukana,* nga kye kimu ku bizibu eby'amaanyi eby'omu kiseera kino. Era ndi mukakafu ddala nga bwe nkakasa nti nnyimiridde wano, nzikiriza nti eky'okuddamu ekituufu kiri mu Kigambo kya Katonda, era nzikiriza nti ekyo kye nnasuubiza nti kye kirinkomyawo.

18 Era ndowooza, nga mmanyi, nga bwe mmanyi, njagala mbeereyo n'olukuŋŋaana olulala wano mu Jeffersonville, ku Ssande ya Paasika, era tujja . . . luliba lukuŋŋaana lwa ku makya nga busaasaana, oluvannyuma tubeere n'olwa Ssande ya Paasika. Kale tulirulanga nga terunnabaawo tugezeeko oba oli awo n'okunoonya ekizimbe mwe tulikuŋŋaanira, bwe kiriba kisobose, oba okubaako ekifo kye tufuna, we tulibeera ku Ssande, tusobole oba oli awo okujja ku Lwomukaaga ne ku

Ssande. Nnina okulinnya ennyonyi nzije ate nzireyo, kubanga ekiseera kigenda kisembera. . .Nnina okusooka, okukikebera, n'enteekateeka gye nnina, ekwata ku lugendo lwa—lwa—lwange olumu olw'okugenda mu California. Ate, amangu ddala nga olwo lwakaggwa, nnina okuserengeta mu—mu Afirika. N'olwekyo musigale nga muwuliziganya n'ebiva eno era mutusabire.

19 Kati, akawungeezi kano, waliwo ekitundu ku Kigambo kya Katonda kye njagala okubalaga, ekisangibwa mu ssuula ey'oku 4 ey'enjiri y'Omutukuvu Lukka. Essuula ey'oku 4 n'olunyiriri olw'e 16, lwe lujja okutandika, nga Yesu ayogera.

> . . .*Leero* Ekigambo *kino kituukiridde mu matu gammwe.*

20 Kaakati okuva mu Ekyo, twagala twekkaanye, ku butya Ekigambo kya Katonda bwe kiri ekikozi! Kati, ffenna tusobola okutegeera eby'ensengeka y'ebyuma entuufu bw'eri, naye Ekyo kyetaagisa Maanyi okukireetera okukola.

21 Tusobola okutegeera ensengeka y'ebyuma, nga emmotoka, naye ate weetagisa okubaawo amaanyi ag'okutambuza nnamuziga emmotoka eyo okusobola okusenvula okuva mu kifo.

22 Kati, Yesu yali akomyewo e—e Nazaaleesi, gye Yakulira. Bwe tweyongera mu maaso mu Byawandiikibwa wano, tulina we tusanga nga bamugamba nti, "Twawulira mbu wakola *kino-na-kiri* e Kaperunawumu. Kati leka tukulabe nga Obikola ne mu kyalo ky'ewammwe."

23 Yesu n'abagamba nti, "Nna—nnabbi assibwamu ekitiibwa buli wamu okuggyako mu nsi y'ewaabwe." Era, eky'amazima, eyo gy'oba wakulira, era abantu gye bakumanyi. Ate eyo Yalinayo e—e—erinnya ebbi, okusooka kwa byonna, olw'okuzaalibwa nga Talina kitaawe wa ku nsi. Eyo Yali amanyiddwa nga "omwana omweboolereze," nga bagamba mbu eky'amazima Maliyamu yafuna olubuto nga tannafumbirwa, mu butongole, eri Yusufu. Naye ekyo si bwe kyali, tumanyi nga si bwe kyali.

24 Kati ku Kyawandiikibwa kino, ekyandeetera okukyetegereza, kye kintu ekyakabaawo ebbanga ettono gye buvuddeko mu Phoenix, Arizona. Lwali lunaku olusembayo, olw'olukuŋŋaana lwe nnali nnina okubuuliramu, mu Lukuŋŋaana lw'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu olw'Ensi yonna.

25 Kati mu lukuŋŋaana luno waaliyo omugenyi eyali atukyalidde, eyali bisopu Omukatuliki, eyali a—ava mu "kiwayi ky'ekereziya ekya Chaldean Rites of the Apostolic Catholic; ayitibwa Most Rev. John S. Stanley, O.S.D." Nga ye "saabalabirizi w'ebibuga ebinene eby'Amerika," mu ekereziya Katolika. *Bino* bye byali ku kaadi ye nga kuliko ne—n'endagiriro ye.

26 Era yali mugenyi eyali akyalidde ekibiina ky'Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo, era nnali nnamulabyeyo, eggulo limu. Kati bwe nnali mbuulira ku Lwomukaaga akawungeezi, nzikiriza kyaliwo ku olwo, manya ku Lwomukaaga ku makya ku ky'enkya, ne. . . Bwe nnali mbuulira, yabeeranga anneekaliriza amaaso. Muli ne ndowooza nti, "Omusajja oyo ddala buli kimu kye njogera takkiriziganya nakyo." Kati, omanyi, wali osobola—wali osobola okumulaba; yabeeranga anyeenya omutwe gwe nga bw'aguzza waggulu ne wansi, naye ssaategeera kituufu kyennyini ddala ekyamuliko.

27 Kati ku Ssande olw'eggulo, bwe nnajja okubuulira, eky'okuyigirizaako kyange nnali ŋŋenda kukyesigamya ku *Okulumwa Ebisa,* Yesu we yagambira, nti, "Nga omukazi bw'alumwa ebisa," abeera alumizibwa nga agenda okuzaala. Kale nnali ŋŋenda kubuulira okusinziira ku ekyo, nti, *Okulumwa Ebisa,* nga omutwe, nga ŋŋamba nti mu kaseera kano ensi erumwa ebisa. Enkadde erina okuggyibwawo, empya esobole okuzaalibwa; nga e—ensigo bw'erina okuvunda, okusobola okuleeta obulamu obuggya.

28 Nga njogera ku kulumwa ebisa, engeri ensi gye yalumwa ebisa! Mu Ssematalo Eyasooka, ensi yalumwa ebisa ebyali ebizibu ennyo, kubanga baalina omukka ogw'obutwa, n'ebintu ebirala eby'enjawulo, kabekasinge ebyali bisobola okusaanyaawo ensi. Ne mu Ssematalo Ow'okubiri, n'erumwa ebisa ebirala ebiruma okusinga ku byasooka; baalina zi bbomu zzisabyalo, wamu ne zi bbomu nnamuzisa. Kati tekyasobola kugumira bisa birala n'esigalawo. Ku mizinga gino n'ebintu bye tulina leero, olutalo olulala lumu lujja kugikasuka eri mu bwengula, kubanga kati awo ejja kuba ezadde. Ensi empya ejja kuba ezaaliddwa. Bayibuli egamba nti ejja kubaawo.

29 Wansi wa buli Bubaka bwa nnabbi, Isiraeri yalumwanga ebisa, kubanga bannabbi baagendanga okujja nga abakenkufu mu by'eddiini n'abakulembeze b'amadiini ekkanisa bamaze okugikolamu ebibiina ebigunje. Kale bannabbi abo buli lwe bajjanga ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, amakanisa ago baaganyeenyanga, ekyo ne kireetera ensi okulumwa ebisa. Oluvannyuma, yagenda erumwa ebisa okutuusa lwe yazaala Omwana ow'obulenzi ow'Enjiri, nga ye yali Ekigambo Kyennyini nga kyambadde omubiri.

30 N'olwekyo ekkanisa ddala erumwa ebisa akawungeezi kano, nate, olw'okuzaala Omwana ow'obulenzi, Omwana wa Katonda akomewo nate. Abakenkufu baffe ab'eby'eddiini bonna, enkola zaffe zonna ez'enzikiriza, amadiini gaffe gonna, byonna bivundidde ddala nga tulaba. N'olwekyo tulumwa ebisa, ate Obubaka obuva eri Katonda lubeerera ekkanisa bugiteeka mu kulumwa ebisa okw'amaanyi okusingawo, naye nga wayise akaseera ejja kuzaala Omugole. Era ekinaazaalibwa okuva mu bisa bino kwe kujja kwa Yesu Kristo eri Omugole We.

31 Kaakati, mu mbeera eyo, nga ndowooza nga omusajja ono bw'atakkiriziganya nange n'akatono. Bwe nnajja okubuulira Obubaka buno, nnabikkula Bayibuli yange, ntuuke ku muko gwe nnina okusomako.

32 Mukyala wange yali yaakantonera Bayibuli empya, nga ekirabo kya Ssekukkulu. Bayibuli yange enkadde yali yaakamala emyaka nga kkumi n'etaano, era yonna yali esensuse. Nga empapula, buli lwe ngibikkula, zigisowokamu busowosi. Era, naye nnabanga mmanyi wa wennyini buli Kyawandiikibwa we nnina okukiggya, kuba Bayibuli eyo nnali nnagisoma nga nagyekenneenyeza ddala. Naye ku olwo nnali nnatoola butoozi eno empya ne ŋŋenda n'eyo, kubanga eri yali erabika bubi nnyo, okugenda nayo mu kkanisa.

33 Kati bwe nnatanula okubikkula mu njiri ya Yokaana Omutukuvu, Ekyawandiikibwa we kyali, ne ntandika okusoma essuula ey'e 16, naye olunyiriri lwe nnali nnoonya nga teruliimu. Muli ne ŋŋamba nti, "Nga kyewuunyisa!" Ne nziramu ne mbikkula; nga era teruliimu.

34 Ow'oluganda Jack Moore, ava mu Shreveport, Louisiana, mukwano gwange nfiirabulago, yali atudde awo. Kye nnava mmubuuza nti, "Ow'oluganda Jack, olunyiriri olwo terusangibwa mu njiri ya Yokaana Omutukuvu 16?"

N'anziramu nti, "Mwe lusangibwa."

35 Mu kaseera ako bisopu ono Omukatoliki n'asituka mu katebe ke, awaali bannaddiini ababuulizi nga kikumi abaali batudde awo ku kituuti; n'atambula n'asembera wendi, n'ebyambalo bye byonna n'amaganduula n'emisaalaba, n'ebirala, n'asemberera ddala wendi. N'aŋŋamba nti, "Mutabani, nywera. Katonda anaatera okutambula."

Ne nneewunya ne ŋŋamba, "Ddala bisopu Omukatoliki y'aŋŋamba ekyo?"

Ye kwe kuŋŋamba nti, "Lusome okuva mu Kitabo kyange."

36 Bwentyo Ekyawandiikibwa ne nkisoma okuva mu Kitabo Kye, ne nsimba omutwe gw'eky'okuyigirizaako kyange ne ŋŋenda mu maaso, ne mbuulira obubaka bwange.

37 Oluvannyuma, bwe nnamaliriza, n'asituka nga nze nvuddeyo, n'agamba nti, "Waliwo ekintu kimu ekiteekwa okubaawo. Bwe kinaamala okubaawo, ekkanisa erina okuva mu mivuyo gy'erimu, oba si ekyo ffe tulina okufuluma emivuyo ekkanisa gy'erimu." Kale, walina okubaawo ekimu ku bibiri.

38 Kati nnali nzirayo eka, mu Tucson, ku olwo akawungeezi. Abaana baali bakaabira okufunayo sandiwiici, ne mbaako we nnayimirira nfuneyo sandiwiici. Mukyala wange kwe kuŋŋamba nti, "Bill, sseeralikirirangako mu bulamu bwange, nga bwe nneeraliikiriddde nga nkulaba okikiitana ne Bayibuli eyo." N'ambuuza nti, "Ggwe tewatidde?"

39 Ne mmugamba nti, “Nedda.” Ne ŋŋamba nti, “Nnabadde nkimanyi mweruli. Nga olupapula baalubuuka bubuusi ne lutakubibwa. Nga ensobi yakolebwa baagikuba.”

40 N’agamba nti, “Okukirowoozaako obulowooza, nti Bayibuli eyo nze nnagikuwa! Nnabadde ndaba nga buli liiso erintunuulidde.”

41 Ne mmugamba nti, “Naye, ekyo kyabadde tekyebeereka. Eyo ensobi yakolebwa nga Bayibuli bagikuba.” Ne mmugamba nti, “Olupapula baalubuuka bubuusi ne lutakubibwa.”

42 Kati, ne ntuula wansi ne nziramu ne ndwetegereza, nga buli kimu kiringa bwe kiteekwa okuba; wabula nga essuula ey’e 16 ekoma, eriko kitundu, nga ekitundu ku yo nga kya yinci ssatu okuva wansi kye kyakubibwa, n’erudda ku ssuula ey’e 17 ku ludda olulala, nga nayo ekintu kye kimu. Kale, nga bwe yali Bayibuli empya, empapula ezo zombiriri zaali zeekutte wamu, kati nze nnali nsoma mu ssuula ya 17 mu kifo ky’ey’e 16. “Kale,” ne ŋŋamba nti, “tekirina buzibu. Waliwo ensonga lwaki kyabadde bwe kityo.”

43 Kati Eddoboozi ne linzijira, nga bw’osobola okuwulira eddoboozi lyonna, ne ligamba nti, “N’ayingira e Nazaaleesi, gye Yakulira; n’ayingira mu kkuŋŋaaniro nga bwe yali empisa Ye. Awo kabona n’amuwa Ebyawandiikibwa okusoma, n’Asoma Isaaya 61. Bwe yamala okusoma Ebyawandiikibwa, n’Atuula; n’addiza kabona Bayibuli, Ekitabo, n’atuula wansi. Abantu bonna abaali mu kibiina ne bamusimba amaaso. Ebigambo eby’omuwendo ne biva mu kamwa Ke. N’agamba nti, ‘Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.’”

“Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.”

44 Ebyawandiikibwa nga bituufu! Kino bw’oba okyetegerezza mu Isaaya 61:1 okutuuka ku 2, weewo Mukama waffe we yasoma, Isaaya 61:1 okutuuka ku 2. Naye mu makkati g’olunyiriri olw’oku 2 olwa Isaaya 61, n’Akoma awo. Awagamba nti, “Omwoyo wa Mukama ali ku Nze; okutendera omwaka ogwakkirizibwa,” n’Akoma awo. Lwaki? Ekitundu kiri ekirala, eky’okuleeta omusango, tekyali kya kujja Kwe okwasooka, wabula kyali kya Kujja Kwe okw’okubiri. Mukiraba, tekyali kya mu kiseera ekyo. Mulaba Ebyawandiikibwa bwe bitaliimu nsobi! Lubeerera biba bituukiridde. Yesu yakoma awo wennyini Ekyawandiikibwa we kyakoma, kubanga ekyo kyennyini kye kyali eky’okukakasibwa mu biro Bye, kati, mu kujja okwo okwasooka. Mu Kujja okw’okubiri Alireeta musango ku nsi; naye tekyali kya mu kiseera ekyo. Yalina “kulangirira mwaka ogwakkirizibwa.”

45 Mulaba nti Masiya yali ayimiridde mu kituuti, Ye kennyini nga yeeyoleka n’Ekigambo ekyasuubizibwa ekyali eky’okutuukirizibwa mu mulembe ogwo. Nga kyewuunyisa, Masiya okuba nga yali ayimiridde mu maaso g’ekkanisa!

Mulabe n'Ebigambo bino eby'omuwendo, bwe Yagamba wano nti, "Okulangirira omwaka ogwakkirizibwa."

46 "Omwaka ogwakkirizibwa," nga ffenna bwe tukimanyi, nga abasomi ba Bayibuli, gwe gwali "omwaka gwa jubireewo." Kubanga, abaddu bonna n'abasibe, nga bwe baabanga, nga bwe baatwalibwanga, mu kkomera; wabanga olina okuwaayo omwana ow'obulenzi, okusasula ebbanja; oba omwana ow'obuwala, okusasula ebbanja, [Ebbanga ejjerere ku lutambi—Omuk.] era yabeeranga mu buddu. Obuddu ne bwe yabanga abumazeemu ebbanga lyenkana wa, oba nga alina kubumalamu bbanga lyenkana wa; omwaka bwe gwatuukanga, ogwa jubireewo, ekkondeere bwe lyavuganga, buli muntu yateebwanga n'aba wa ddembe bwe yabanga ayagadde okuba ow'eddembe. [Ebbanga ejjerere ku lutambi.] Nga oba wa ddembe. Nga tokyali muddu.

47 Naye bwe wayagalanga okusigala nga oli muddu, wabanga olina okutwalibwa mu yeekaalu, ne bakuyimiriza kumpi n'empagi ya yeekaalu, ne bakwata olukato ne bakuwumula ekituli mu kutu, era okuva awo wabanga wa kuweereza mukama wo oyo ennaku zonna ez'obulamu bwo.

48 Nga kyakulabirako kyennyini ddala ekiraga Enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo! Bw'Ebuulirwa, ekiseera ekyakkirizibwa, n'ekiseera kya Jubireewo; omuntu yenna, k'obe ani, k'obe wa langi ki, k'obe wa ddiini ki, k'obe nga webbise kyenkana wa mu kibi, oba kikyamu ki kyonna ekikuliko; osobola okuteebwa n'oba wa ddembe bw'owulira ekkondeere ly'Enjiri nga livuga. Obeera wa ddembe!

49 Naye bw'okuba Obubaka amabega n'ogaana okubuwulira, wekkaanye, wawumulwanga ekituli mu kutu, n'olukato. Nga ekyo, kitegeeza, nti obuuse omusittale ogw'ekisa n'odda mu musango, era toliddamu kuwulira Njiri. Tolyeyongera mu maaso kusukka awo. Oteekwa kuba muddu wa nkola eyo gy'olimu, ennaku zonna ez'obulamu bwo, kasita ogaana okuwulira omwaka ogwakkirizibwa.

50 Kaakati, ekitundu kiri ekirala, nga bwe ŋŋambye, kyali tekyetaagisa kwanukulirwawo, kubanga Masiya ono ajja, ekiseera kyonna okuva kati, lw'Alireeta omusango.

51 Kati, abantu abo baalemwa batya okumutegeera nti Yali Ye? Ddala kyabalema kitya? Kyabaawo kitya, nga ate kyalabisibwa mu lwatu ddala? Ddala kyabalema kitya okulaba? Nga ate Ya . . .

52 Nga Kigambo kya kitalo! Kirowoozeeko, "Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gammwe." Ani yakyogera? Katonda Mwene, Oyo eyevvuunulira Ekigambo Kye Ye. "Leero Ekyawandiikibwa kino lwe kituukiridde." Masiya, Mwene, nga ayimiridde mu maaso g'ekibiina nga asoma Ekigambo okuva mu Bayibuli, ekimukwatako Ye, oluvannyuma

n'agamba nti, "Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde," kyokka era Ekyo ne batayinza kukiraba.

53 Nga guba mutawaana gwa maanyi ekyo bwe kibaawo, naye kizze kibaawo. Kizze kibaawo emirundi mingi. Kyabaawo kitya? Weewaawo, nga bwe kyabaawo emirundi giri emirala, okuyita mu kukkiriza enzivuunula y'Ekigambo ey'obuntu. Ekyo kye kyakireeta. Abakkiriza abo ab'omu biro ebyo, abaali batwalibwa okuba abakkiriza, baatwalanga nzivuunula ya kabona gye yabanga abavvuunulidde ey'Ebyawandiikibwa kye bitegeeza. N'olwekyo Yesu, engeri gye yali nga tagwa mu kibiina yadde ekimu ku bibiina byabwe, Yagobebwa okuva mu makkati gaabwe.

54 Kale, n'olwekyo, baali tebasobola kweyoleka wamu naye, kubanga Yali wa njawulo ku bo. Yesu Kristo nga Omuntu yali wa njawulo nnyo okutuusa nti tewali muntu yenna yandiremeddwa kukiraba nti ye yali Omwana wa Katonda, kubanga Ye yali okulabisibwa kwennyini okutuukiridde okw'Ekyawandiikibwa ekyamuwandiikibwako.

55 Omukristaayo yenna ku ekyo kw'ategeererwa, nga obulamu bwe bulaga ebintu byennyini Omukrisitaayo by'alina okukola.

56 Ateekwa okuba yayimirira n'abagamba nti, "Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde ddala mu maaso gammwe nga mulaba!" Nga kyali kya nkukunala, nga kyali kyeraga lwatu, kyokka abantu abo ne batakitegeera mu butuufu bwakyo. Lwaki? Lwa kubanga baliko enzivuunula y'enkola ya bakabona be baali bawuliriza gye bakkiriza.

57 Ate ebyafaayo bulijjo byeddiŋŋana. Era Ekyawandiikibwa kiba n'amakulu ag'enjawulo ge Kitegeeza, n'okubikkulirwa okw'enjawulo.

58 Okugeza, nga awagamba mu Bayibuli, nti, "Nnayita Omwana Wange okuva mu Misiri," nga etegeeza Yesu. Kebera okujuliza kwe bawa wakati w'emisittale gy'olupapula ku ekyo, ojja kukizuula, nga kyali kyogera ne ku Yakobo, Ekyawandiikibwa kye kimu. Yesu ye yali Omwana We omukulu. Yakobo ye yali omwana We gwe Yayita okuva e Misiri, nga ge makulu enzivuunula ya Scofield n'enzivuunula endala ge zijulizaako, kubanga ekyo ky'Ekyawandiikibwa kye kyali kijulizaako. N'olwekyo kyalina e—eby'okuddamu bya mirundi ebiri; kyalina eky'okuddamu eky'okuyitibwayo kwa Yakobo, n'eky'okuyitibwayo kwa Yesu.

59 Era ne leero bwe kiri! Ensonga lwaki tuli mu mivuyo gino gyonna gye tulimu, abantu ne balemwa okulaba Amazima ga Katonda, eri nti waliwo enzivuunula z'Ekigambo kya Katonda nnyingi nnyo ez'abantu obuntu. Katonda teyeetaaga muntu yenna kuvvuunula Kigambo Kye. Ye Yevvuunulira Ebibye.

60 Katonda yagamba, ku lubereberye nti, “Leka wabeewo ekitangaala,” era ne wabaawo ekitangaala. Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunulwa kwonna.

61 Yagamba nti, “Embeerera eriba olubuto,” era n’eba. Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunulwa kwonna.

62 Bwe. . .Okuvvuunula kwa Katonda okw’Ekigambo Kye weewo w’Akituukiririza era n’Akikakasa okuba nti kye Kyo. Okwo kwe kuvvuunula Kwe, nga akituukiriza. Awo we wali okuvvuunula kwa Katonda, nga Aleetera Ekigambo Kye okutuukirira. Abeera akikuvvuunulidde.

63 Nga bwe wayinza okuba nga tewabangawo kitangaala, n’Agamba nti, “Leka wabeewo ekitangaala,” ne kibaawo, ekyo tekyetaaga muntu yenna kukivvuunula.

64 Naye tuba n’enkola ez’obuntu ezitabulwa mu Ekyo, era, ekyo bw’okikola, e—Ekyo okiremesa okukola kye kyandikoze. Lubeerera bwe kityo bwe kibaddenga.

65 Naye era nkyalowoozaamu bwe kyali kyewuunyisa. Kirowoozeeko, Masiya! Lwaki baalemwa okumutegeera? Kubanga, abakulembeze baabwe bennyini abaali bateekwa okuba nti bamumanyi, abaali bateekwa okuba nga bamanyi bulungi Ebyawandiikibwa, abaali bateekwa okuba nga bategeera bulungi Ebyawandiikibwa, Omusajja ono baamulengezza nga bagamba nti, “N’o—n’okusooka kwa byonna, mwana mweboolereze. Tetuyinza kukkiriza muntu nga Oyo.”

66 Leero oluvannyuma lw’emyaka okuyitawo, ekyo tetukikkiriza. Tusobola n’okwewaayo okuttibwa naye nga tetugambye nti yali Mwana eyazaalibwa embeerera.

67 Era lumu ekiseera kijja kutuuka, nga ebintu byennyini bye tulaba Yakuwa nga akola leero, abantu abalibaawo mu mirembe egirijja, bwe giribaawo, balifiiririra ekintu kye twogerako olwa leero. Mulittibwa akabonero k’ensolo bwe kalijja, nga temukkirizibwa kubuulira Njiri mu ngeri eno. Okwegatta awamu okw’amakanisa okw’ekikungo bwe kulijja, okukyategekebwa mu kaseera kano kennyini okukola ekkanisa ey’ensi yonna, kirikwetaagisa okufiirwa obulamu bwo okunyweza obujulizi bwo obw’ekyo ky’okkiriza, olwa Kino.

68 Oteekwa kukikkiriza kati. Singa bakabona bali babadde basobola okuzuukira, abaamusalira omusango, tebandigumusalidde. “Naye,” leero ogamba nti, “nze ssinga nnaliwo mu kiseera ekyo, nnandikoze *bwenti ne bwenti*.” Naye, ogwo si gwe gwali omulembe gwo. Naye, guno gwe mulembe gwo, kino kye kiseera.

Ogamba nti, “Nyabula, ssinga Abadde waali wano!”

69 Bayibuli egamba nti, “Y’omu jjo, leero, n’emirembe gyonna,” y’omu, n’olwekyo Ali wano. Naye, Ali wano. Ensi gy’ekomye

okukulaakulana, n'okukola ebintu eby'amaanyi, n'okuba n'obuyigirize obwa waggulu, Ali wano mu nkula ey'Omwoyo, gwe batasobola kutta oba okusaanyaawo nga bagutta. Yafa lumu; Tasobola kuddamu kufa. Yalina okwambala omubiri Katonda asobole okuttibwa mu mubiri, olw'ekibi. Naye ku mulundi guno Tasobola kufa; kubanga kati Ye Omwoyo Omutukuvu.

70 Kati, ddala nga kyewuunyisa okukirowoozaako nti baamukonjera ebintu eby'engeri eyo! N'ekintu ekirala, okuba nti Teyeegatta yadde ku kimu ku bibiina byabwe. Kati, mukiraba, ekyo nakyo kyayongera okumufuula omuntu omubi. Teyeegatta ku—ku bibiina byabwe, teyeegatta ku nkola yaabwe ey'obwakabona, era teyalina kakwate konna nabyo. Ate, ebyo byonna nga obitadde ku bbali, Yagezaako n'okumenyawo bye baali baazimba.

71 Yayingira mu yeekaalu. Tugamba nti Yali Musajja mukkakkamu; ddala kye Yali, naye emirundi mingi obukkakkamu tetubutegeera mu ngeri ntuufu.

72 Yali Muntu asaasira, naye oluusi tulemererwa okutegeera amakulu g'okusaasira amatuufu kye gali. Tekitegeeza kulumirirwa okw'obuntu, okwo si kwe kusaasira. Wabula *okusaasira* kwe "kukola ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe."

73 Yayitirako ku kidiba kye—ky'e Besuseda, ku mulyango. Abantu we baali nga bagalamidde, nga kibiina kinene eky'abantu. Ekibiina ekinene babeera bantu abayitirivu abatamanyiddwa muwendo. Naye mu kibiina ky'abantu abo abaali bagalamiddewo mwalimu: abalema, abazibe b'amaaso, abaagongobala, abaakoozimba. Ate Yasaasiranga abantu, ebbanga lyonna. Naye Yagenda eri omuntu omu ataali mulema, ataali muzibe w'amaaso, ataali mugongobavu, newankubadde okukoozimba; oba oli awo yali atawaanyizibwa kawago, oba oli awo yalinamu buyongobevu bwokka nga yaziŋŋama. Nga aziŋŋamidde emyaka asatu mu munaana. Nga tebumuluma nnyo kiri awo, si bwa kumutta. Nga agalamidde awo ku kawempe. Naye oyo gwe Yabuuza nti, "Oyagala okuwonyezebwa?"

74 Omusajja n'amuddamu nti, "Ssirina ansuula mu mazzi, naye buli lwe mba ŋŋenda nti, ate, omulala nga ansoose okukkamu." Mukiraba, yali asobola okutambula, yali alaba, yali asobola okuva mu kifo, wabula yali muyongobevu buyongobevu.

75 Yesu n'amugamba nti, "Golokoka. Weetikke ekitanda kyo ogende ewuwo." Era Yesu yabuuzibwa akana n'akataano ku nsonga eyo, kubanga mujjukira nga Ekyawandiikibwa kikyogerako kino.

76 Tekyewuunyisa! Singa olwa leero Ajja mu Jeffersonville n'akola ekikolwa nga ekyo, era babeera ba kumwogerako.

77 Naye, mujjukire, Yajja kukola kintu kimu, nga kwe kukola ebyo Katonda by'ayagala bikolebwe. Kati, ekyo kisangibwa

mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5:19, mw'ojja okusanga eky'okuddamu. Yagamba nti, "Ddala, ddala, mbagamba nti, Omwana tayinza kukola kintu kyonna ku Bubwe; wabula ekyo ky'Alaba Kitaawe nga akola, n'Omwana naye ky'akola."

78 Kati, ekyo baali basaanye okukitegeera nti okwo kwe kwali okutuukirizibwa kwennyini okw'obunnabbi bwa Musa, "Kubanga Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi alinga nze."

79 Mukyekkaanyizza, nti bwe Yalaba omusajja, Yagamba... Yesu yali akimanyi nti omusajja ono yali mu mbeera eno okumala emyaka mingi. Mukiraba, olw'okuba yali Nnabbi, Yalaba omusajja oyo nga ali mu mbeera eyo; n'aserengetayo n'awaguza—n'awaguza okuyita mu bantu abo, nga yeenyigiriza okuyita mu kibiina, okutuusa lwe Yatuuka ku musajja oyo.

80 N'ayita ku balema, abaagongobala, abazibe b'amaaso, n'abaakoozimba, ate nga Musajja ajjudde okusaasira. Naye, *okusaasira* kwe "kukola ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe."

81 Kati, tumulaba, nga bw'Ataabeegattako, Teyalina kakwate konna na bibiina byabwe, bw'atyo n'Aboolebwa. Nga tasobola kuba na...

82 Nga oggyeeko ekyo, lumu Yayingira mu yeekaalu. Ye Musajja eyayingirayo n'asanga ennyumba ya Katonda nga eyonooneddwa ebitagambika nga bw'eri leero. Nga bagula, batunda, bawaanyisa ssente. Emmeeza kwe baali batundira zonna n'Azivuunika; n'akwata emiguwa n'agiranga, n'akuba abaali bawaanyisa ssente n'abafulumya yeekaalu. N'abatunuulira n'obusungu, n'abagamba nti, "Kyawandiikibwa nti," aleeruuya, "Ennyumba ya Kitange nnyumba ya kusabirangamu; naye mmwe mugifudde mpuku ya banyazi. Era mmwe, n'obulombolombo bwammwe, mufudde amateeka ga Katonda okuba agatalina makulu."

83 O, ddala ekibinja nga ekyo kyali kisobola okumukkiririzaamu? Nedda, ssebo. Nga embizzi baali beevulungidde nnyo mu bikyafu by'ebibiina n'empitambi eby'ekiseera ekyo, okutuusa enkola y'ekinnaddiini lwe yabannyogoza ennyo ebitagambika ne bakwata bbalaafu ne batuuka okuba nga tebakyasobola na kuwulira kutambula kwa Maanyi ga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna. Ky'ova olaba mukazi wattu oli bambi yasobola okukwata ku kyambalo Kye Amaanyi ago ne gamuwonya; ate omuserikale atamidde n'amuwandulira amalusu mu maaso n'atabaako maanyi gonna g'awulira! Kisinziira ku ngeri gy'ogakwatamu. Kisinziira ku kiki ky'onoonya. Bw'ogenda ku kkanisa, kisinziira ku kiki ky'onoonya.

84 Kati tumulaba nga ayimiridde awo. Era nga abantu bateekwa okuba baali baamulabudde dda, nga bamulabudde... bakabona bateekwa okuba baali baalabula dda abantu nti,

“Kati Ssabbiiti ejja Agenda kujja wano, naye, bw’Anajja, temumuwuliriza. Kati, musobola okugendayo ne mutuula, naye by’Ayogera temubiwuliriza kubissaako mwoyo, kubanga si wa mu kibiina kyaffe. Muntu eyaboolebwa. Talina kaadi eraga wa gy’akuŋŋaanira. Talina na bbaluwa yonna eraga kibiina ky’Akiikirira. Talina kintu kyonna kya ngeri eyo.”

“Kati kiki ky’Ali?”

85 “Ali awo muvubuka kyewaggula eyazaalibwa emmanga wano, eyazaalibwa wabweru w’obufumbo, mu maka g’omubazzi, nnyina eyafuna olubuto Lwe bwe yali tannafumbiriganwa na bba, naye bagezaako okukibikkirira nga bakirimbika mu kubeera ekintu ekitali kya bulijjo.

86 “Ffe tukimanyi nti, Masiya bw’alijja, Alikkirira wansi okuva mu bitiibwa by’Eggulu n’agenda eri kabona waffe asinga obukulu n’amugamba nti, ‘Kayaafa, Nze nzuuno.’” Naye tukizuula nti Teyakikola bw’atyo, kubanga mu Kigambo tekyawandiikibwa bwe kityo. Obulombolombo bw’abantu bwe bwabaleetera okukkiriza batyo.

87 Ekigambo kyo kyali kyagamba nti Yali wa kujja mu ngeri yennyini gye Yajjamu. Era n’Ayimirira awo wennyini, n’asoma Ekigambo, n’abagamba nti, “Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gammwe.” Naye era ne balemwa okumulaba oba okumutegeera, era nga bwe bazze bakola mu mirembe emirala gyonna.

88 Nuuwa naye yandiba nga yayogera ekintu kye kimu, olunaku lwe yayingira mu kyombo oluggi ne luggalwa. Musa yandiba nga yaggulawo eddirisa eryo eryali waggulu ku kyombo, n’atunula ebweru ku kibiina. . . Mujjukire nti, Katonda ye yaggalawo oluggi. Kale yandiba nga yabagamba nti, “Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gammwe,” naye mu kaseera ako kyali kikeerezi nnyo gye bali. Yali amaze emyaka kikumi mu abiri nga abuulira, nga agezaako okubayingiza mu kyombo ekyo kye yali azimbye, nga abagamba nti Ekyawandiikibwa kigamba nti, “BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA, enkuba egenda kutonnya,” naye ne bakandaalirira. Naye Nuuwa yali asobola bulungi okugamba nti, “Leero, olwa leero, Ekyawandiikibwa kituukiridde.”

89 Musa, ku lunaku lwe lumu Empagi y’Omuliro lwe yakka ku lusozi Sinaayi n’ewa obujulirwa ku bujulizi bwe, Musa yali asobola okugamba nti, “Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.”

90 Musa, mukimanyi, nga yali musajja eyayitibwa Katonda, yali nnabbi. Era bwe yali ayitibwa, olw’okuba yali nnabbi, waliwo ekyali kirina okumutuukako nga kisukkulumye amaanyi aga bulijjo. Okusobola okubeera nnabbi, yalina okusisinkana Katonda maaso ku maaso ayogere naye. N’ekirala,

bye yayogeranga byalina okutuukiriranga, oba si ekyo tewali yandimukkirizza.

91 N'olwekyo ekyo tewali muntu akkirizibwa kukyeyita okutuusa nga ayogedde ne Katonda maaso ku maaso, mu ddungu awantu awamu awekusifu, gy'aba yasisinkanira Katonda, ye nga omuntu. Era abo bonna mu nsi abatakkiriza nti Katonda gy'ali babeera tebasobola kukimuggyamu; kubanga aba yaliko mu kifo ekyo, era nga akimanyi nti kyabaawo. Buli Mukristaayo ekintu bwe kityo kirina okumutuukako nga tannabaako kintu kyonna ky'ayogera ku kubeera Mukristaayo. Obumanyirivu bw'ekintu ekyakutuukako nga ggwe!

92 Nnayogerako n'omwana wa muganda wange, gye buvuddeko, muvubuka omuto Omukatuliki, eyaŋŋamba nti, "Kojja Bill, ntabadde nga nzira eno n'eri, ne ŋŋenda buli wamu, nga ngezaako okubaako ne kye nnoonya." Buli kiro, olukuŋŋaana luno bwe lubadde terunnatandika, abaddenga akaaba. Era ekiro, abaddenga aloota ebirooto nga ayingira, ajja adduka ajja ku woolutaali, nga mbuulira, nga yeenenya nga bw'abadde omukyamu.

93 Ne mmugamba nti, "Melvin, k'ogezeeko okugenda wa yonna, ka weegatte ku kkanisa empitirivu okwenkana wa, k'oddiŋŋane zi 'Mirembe Maria,' ezenkana wa, oba okuweebwa emikisa egyenkana wa okuva eri omuntu, olina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri nga ozaalibwa Omwoyo wa Katonda. Kye kintu kyokka ekijja okumatiza omutima gw'omuntu."

94 Ekyo, eky'okuzaalibwa ogw'okubiri, mmanyi balina kye baakiwanyisaamu nakyo, ensangi zino, nga kati kya kukwata bukwasi mu ngalo za mubuulizi na kuwandiika linnya lyo mu kitabo. Naye, ab'emikwano, eyo njigiriza eyagunjibwa obugunjibwa. Si ge Mazima ga Bayibuli. Ssinga gaali ge go, Ebikolwa by'Abatume, mu ssuula ey'oku 2, wandisomye bwe wati nti, "Awo Olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka mu bujjuvu, omusumba n'avaayo n'akwata abantu mu ngalo."

95 Naye wagamba nti, "Awo Olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka mu bujjuvu," ku mukolo gw'okutandikibwawo kw'Ekkanisa mu butongole, "wajja okuwuuma okuva mu Ggulu nga empewo ewuuma ey'amaanyi, ne kujjuza ennyumba yonna mwe baali batudde." Omwoyo Omutukuvu bw'atyo bwe yajja omulundi ogwasooka. Buli mulundi gwonna bw'atyo bw'Azzenga okuva ku mulundi ogwo. Ye Katonda, era takyuka. Kati, Ekyo kyesittaza abantu.

Bagamba mbu, "Ebyo byali bya kiseera kirala."

96 Naye, Ye y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Buli mulundi Ekkanisa lwe yali efunye Omwoyo Omutukuvu, Azzenga nga bwe Yajja omulundi ogwasooka, wansi w'endagiriro y'emu, Ebikolwa by'Abatume 2:38; tekyukangako, era terikyuka.

97 Kiringa endagiriro y'omusawo ey'enkozesa y'eddagala erijjanjaba obulwadde. Ajja kukuwandiikira endagiriro y'enkozesa y'eddagala ery'okujjanjaba obulwadde, omusawo ekyo ky'ajja okukola. Naye ssinga endwadde eyo ogitwala ew'omutunzi w'eddagala omufere, n'atabula eddagala n'aliteekamu ekirungo ekisaabulula obutwa ekisukkiridde, lijja kuba linafu nnyo terijja kukukolera kalungi konna; ate bw'aliteekamu obutwa obuyitiridde, bujja kukutta. Eddagala eryo lirina kuwandiikibwa kusinziira ku ndagiriro ya musawo.

98 Era endagiriro y'omusawo ku ngeri y'okufunamu Omwoyo Omutukuvu yatuweebwa Dokita Simooni Peetero, ku Lunaku lwa Pentekoote. "Ka mbawe endagiriro gye munaagoberera. Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, era munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga endagiriro eno egenda eri abo abali ewala, n'eri abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita." Endagiriro ey'Obutaggwaawo!

99 Kino Musa kyali kyamutuukako. Yakwata olugendo n'ayolekera mu nsi eyo n'atandika okugamba abantu nti, "Nnasisinkana Empagi y'Omuliro. Yali mu kisaka nga kyaka. Era Yaŋŋamba mbagambe nti, 'NDI EKYO KYENDI. Gendayo; Nja kubeera naawe. Genda n'omuggo gw'olina mu ngalo zo ogugololere ku Misiri; buli ky'onaasaba, kijja kukolebwa.'"

Kati, kabona omu yandiba nga yagamba nti, "Ebyo temuli makulu!"

100 Naye bwe baalaba okukakasibwa kwakyo kwennyini, nga, kutuukirira, baali tebakyayinza kugenda mu maaso na kukiziyiza. Baakitegeera nga yatumibwa Katonda.

101 Kati, Musa bwe yagamba nti ekyo kye yalaba, era n'akijulizaako okuba nti ge Mazima, awo Katonda yali avunaanyizibwa, bwe kiba nga ddala ge Mazima, yali avunaanyizibwa okulaga n'okukakasa nti ekigambo ky'omusajja oyo, ddala ge Mazima. Bwe kiri.

102 Yesu Kristo bwe yayimirira awo n'asoma, ku lunaku olwo nti, "Olwa leero Ekigambo kino kituukiridde mu maaso gammwe," Katonda avunaanyizibwa okutuukiriza Ekigambo ekyo.

103 Tuyimiridde wano akawungeezi kano nga tugamba nti, "Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ekyo Katonda avunaanyizibwa okukikakasa nti bwe kiri, kubanga Kigambo Kye. Kati, kikola ki? Weetaagisaawo okukkiriza, mu kukikkiriza. Weetaagisaawo okukkiriza, mu kukkiriza Ekigambo Kye, nti Kyo ge Mazima.

104 Mwetegereze ekyabaawo Musa bwe yafulumyayo abaana, n'abo bonna abaamugoberera. Abo abataagoberera baasigalayo e Misiri. Naye abo abaagoberera Musa, oluvannyuma lw'okusomoka Ennyanja Emmyufu ne batuuka mu ddungu, Katonda yakka wansi ku Lusozi Sinaayi. Empagi y'Omuliro

eyo olusozi lwonna n'erukoleezaako omuliro, ne muvaamu Eddoboozi ne lyogera, Katonda n'abawa amateeka ekkumi.

105 Musa yandiba nga yavaayo n'ajja eri abantu, n'abagamba nti, "Leero Ekyawandiikibwa kye mbagambyenga, nga nnabbi We, kituukiridde. Mbagambyenga nti Katonda yansisinkana, bwe nnali engulu eri mu kisaka ekyaka, mu Mpagi y'Omuliro, n'Aŋŋamba kino nti, 'Nja. . .Kano ke kalibeera akabonero. Abantu abo olibakomyawo wano wennyini mu kifo kino.' Era Katonda wuuli, mu Mpagi y'Omuliro y'emu gye nnabagambako gye Yalimu, erengejjera waggulu ku lusozi. Olwa leero obunnabbi buno butuukiridde. Wuuno wano okukakasa nti ebintu bye njogeddenga ge Mazima."

106 Katonda atwongere abasajja abalala bwe batyo, abeesimbu era ab'amazima, aboogera Amazima, Katonda Ayinza byonna kw'asobola okukakasiza nti Ekigambo Kye kikyali Mazima! Asigala y'omu jjo, n'olubeerera. Nga lwaki Takikola? Yasuubiza okukikola.

107 Yoswa yandiba nga yayogera ekintu kye kimu, ku lunaku lwe yakomawo e Kadesubanea, okuva ewala ennyo eyo mu ddungu gye baali bagenze. Ensi baali bagibuusabuusa okubeera nti ddala ky'ekika ky'ensi Katonda kye yali agambye ky'eriba. Naye Katonda yabagamba nti nsi nnungi, ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki. Naye Yoswa ne Kalebu be babiri bokka abaasobola okukikkiriza, ku balala ekkumi abaagendayo. Bwe baakomawo, baalina obukakafu; baalina ekirimba ky'ezzabibu nga kyali kisobola kusitulwa basajja babiri ab'amaanyi.

108 Yoswa ne Kalebu bandiba nga baayimirira ne bagamba nti, "Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde. Obukakafu buubuno obulaga nti nsi nnungi." Mazima ddala. Lwaki? "Obukakafu buubwo obulaga nti nsi nnungi. Ebintu nga bino muyinza kubiggya wa, mu Misiri? Tewaaliyo bifo we muyinza kubiggya. Naye leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde."

109 Yandiba nga yayogera ekintu, kye kimu, bwe yalagula, n'agamba nti bbugwe wa Yeriko wa kugwa nga bamaze okukyetooloola emirundi musanvu, ennaku musanvu, emirundi musanvu olunaku. Era bwe baakyetooloola omulundi ogwo ogwasembayo, bbugwe n'alindiggulwa ku ttaka. Yoswa yandiba nga yayimirira n'abagamba nti, "Olwa leero, Omuduumizi Omukulu ow'eggye lya Mukama kye yaŋŋamba wiiki ntono gye buvuddeko nti kijja kubaawo bwe kiti, leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde." Nga bbugwe yenna, alindigduddwa ku ttaka. "Mujje, tugende tukiwambe. Kyaffe. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde."

110 Nga kiyitirivu nnyo, okuba n'abasajja ba Katonda abayimiriddenga ku lw'ebintu ebituufu!

111 Isiraeri, ku mugga, bwe baalya ensi ne bagyeddiza, ne basomoka. Baali bagenda kukikola batya? Gwali mwezi gwa

Apuli. Amataba mwe gakulukutira kubanga omuzira guba gusaanuuka, okuva engulu mu Buyudaaya. Ha, nga kyalabika nga Katonda eyali omukulembeze w'eggye atamanyi ky'akola, okutwala eyo abantu Be, mu mwezi gwa Apuli, Yoludaani mwe yayanjalanga nga bwetayanjalangako. Oluusi . . .

112 Ob'olyawo nnandibadde nsooka ne nnyimirirako wano, ssinga mbadde n'obudde, ne mbaako amagezi amatonotono ge mbawa. Oluusi oyinza okubeera eyo nga olina kkookolo, oba oyinza okuba n'ekirwadde; nga weebuuza nti, “Ddala, nze, Omukristaayo, lwaki nze ali mu mbeera eno? Bwe mba ndi Mukristaayo, lwaki ndi mu mbeera eno?” Oluusi Katonda ebintu abireka ne bikwatira ddala kazigizigi n'otuuka n'okuba nga tokyasobola na kulaba waggulu, yadde ebikwetoolodde, oba awalala wonna, olwo n'alyoka Ajja n'akukolera ekkubo eribikuyisaamu, osobole okugamba nti, “Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde, kye Yasuubiza okukola.”

113 Abaana Abaebbulaniya Yabaleka ne bayingirira ddala mu kikoomi ky'omuliro. Baagamba nti, “Katonda waffe asobola okutulokola okuva mu kikoomi ky'omuliro kino. Naye, ne bw'ataatulokole, era tetujja kuvunnamira kifaananyi kyo.” Bwe baakifulumamu, nga bawunya omukka gw'ekikoomi . . . manyanga, baali tebawunyako, yadde omukka gw'ekikoomi; bandiba nga baagamba nti, “Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.”

114 Danyeri bwe yava mu mpuku y'empologoma, yandiba nga naye yayogera ekintu kye kimu.

115 Yokaana Omubatiza. Oluvannyuma lw'emyaka ebikumi bina egy'enjigiriza z'ekinnaddiini zokka, tekyewuunyisa okuba nti ekkanisa yali mu kavuyo ke yalimu mu kiseera ekyo! Bwe yalabikako mu ddungu, n'ajja ku Yoludaani, ateekwa okuba yayimirira awo wennyini ku lubalama, bwe yayimirira, n'agamba nti, “Leero Ekyawandiikibwa kino, ekya Isaaya 40, kituukiridde.”

116 Mpulira awo njagala nsooke nsimbewo akati mbabuulire bisopu oli nnamukadde kye yaŋŋamba! Yaŋŋamba nti, “Mutabani, Obubaka obwo tobumalirizza.”

Ne mmugamba nti, “Ggwe weesirikire.”

N'ambuuza nti, “Ky'otegeeza Abapentekoote ekyo tebakiraba?”

Ne mmugamba nti, “Nedda.”

117 N'agamba nti, “Nze nkiraba.” Nga ate bisopu Omukatuliki, naye! Uh-huh. N'ambuuza nti, “Lwaki teweeyongeddeyo mu maaso?”

Ne mmugamba nti, “Ggwe weesirikire.”

N'agamba nti, “Ekitiibwa kibe eri Katonda! Nze nkiraba.”

118 Mu kaseera ako kennyini Omwoyo Omutukuvu n'akka ku mwannyina, eyalina we yali atudde mu lukuŋŋaana. N'asituka, n'ayogera mu nnimi ezitamanyiddwa, n'awa n'amakulu gaazo ag'ekintu kyennyini kye twali twogerako ne bisopu, ku kituuti. Ekkanisa yonna, ekifo kyonna, ne kiwuuma. Ky'atuuka ne mu lukuŋŋaana lwa Oral Roberts olubaddewo wiiki ewedde, manya olwaliwo wiiki eri ewedde gye yaddirira, era ye yali emboozi ey'olukuŋŋaana olwo. Engeri bisopu oyo. . .Bwe twali wansi w'Omwoyo Omutukuvu, engeri gye yabikkulamu okuyita mu mukazi, nzikiriza eyali mwannyina, n'abikkula ebyali bigenda mu maaso waggulu eno ku kituuti, n'abikkula ekintu ekyo kye twali tukweka.

119 Ekiseera kye tulimu, leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde. Leero Ekitangaala eky'akawungeezi kizze, naye tulemeddwa okukiraba. Mwekkaanye.

120 Yokaana yagamba nti, "Leero nze 'ddoboozi ly'oyo ayogerera mu lukoola,' nga nnabbi Isaaya bwe yagamba nti, 'Mulongoose ekkubo lya Mukama.'"

121 Tebaakitegeera. Baagamba nti, "O, ggwe Yesu. . .ye ggwe—ye ggwe Kristo," manyanga.

122 N'abagamba nti, "Ssi nze Kristo." N'agamba nti, "Ssisaanidde na kusumulula ngatto Ze. Naye," n'agamba nti, "Ayimiridde mu mmwe, awantu awamu," kuba yali mukakafu nti Yali ateekwa okuba nga waali. Yali wa kubeerawo mu biro bye, kubanga Katonda yamugamba nti y'alyanjula Masiya.

123 Lumu ne wajja Omuvubuka omuto n'aserengetayo, n'alaba engeri y'Ekitangaala waggulu ku Ye, akabonero. N'ayogerera waggulu nti, "Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda! Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gammwe." Mazima.

124 Ku Lunaku lwa Pentekoote, engeri Peetero gye yayimirira n'ajuliza Ekyawandiikibwa kyabwe, ekya Yoweri 2:38. Bwe, baali nga basekerera, abantu abo. Bwe baali tebasobola kwogera mu lulimi lwabwe. Bwe baali bajoboja nga bwe boogera bino na biri. Bayibuli egamba, "Ennimi ez'omuliro ezeeyawuddemu." *Cloven* kwe "kweyawulamu" kw'olulimi, nga terulina kye lwogera kirambulukufu, wabula nga lujoboja bujoboja. Nga badduka bwe beetooloola nga abatamidde!

125 Bonna ne bagamba nti, "Naye ddala, bano abantu batamidde. Ggwe batunuulire, laba bye beekola, laba abakyala abo n'abasajja abo bye bakola. Beejeeguula," nga bannaddiini b'ekiseera ekyo bwe bagamba.

126 Peetero n'ayimirira mu makkati gaabwe, n'abagamba nti, "Abasajja ab'oluganda, mmwe ababeera mu Yerusaalemi, nammwe ababeera mu Buyudaaya, njagala kitegeerebwe nti bano tebatamidde, nga bwe mulowooza, kubanga mulaba eno y'essaawa ey'okusatu ey'olunaku. Naye kino ky'ekyo

ekyayogerwa nnabbi Yoweeri nti, 'Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri.' Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde." Mazima ddala.

127 Luther yajjira mu kiseera kyennyini ekituufu. Wesley yajjira mu kiseera kyennyini ekituufu. Abapentekoote bajjira mu kiseera kyennyini ekituufu. Buli kimu kyali nga bwe kyategekebwa okuba.

128 Kati nkusaba olowooze ku mulembe n'ekiseera kaakano mwe tuli, olowooze ne ku Kigambo ekyasuubizibwa eky'ekiseera kino. Bwe kiba nti mu mirembe giri emirala egyayita, abasajja baasobola okugamba nti, "leero Ekyawandiikibwa kino," "leero Ekyawandiikibwa kino," olwo ate kiri kitya ku Kyawandiikibwa eky'ekiseera kino? Kiki ekyasuubizibwa eri ekiseera kino? Wa we tuyimiridde? Ssaawa ki mwe tuli; nga akalimi k'essaawa katambula, essaawa ya ssaayansi, kalaga nti ebulayo eddakiika ssatu zokka okutuuka mu ttumbi? Ensi ejugumira. Nga ekkanisa evuyiza mu bwonoonefu. Tewali n'omu amanyi wa w'ayimiridde. Essaawa ziri mmeka? Era Ekyawandiikibwa ky'ekiseera kino kigamba ki? Ggwe laba embeera ekkanisa mw'eri, manya, embeera ekkanisa mw'eri leero!

129 Mu nsi, eby'obufuzi, enkola yaffe ey'ensi kw'etambulira, yonna nvundu ebitagambika. Nze siri munnabyabufuzi. Ndi Mukristaayo. Weewaawo, ssirina nsonga yonna enjogeza ku byabufuzi, naye njagala ŋŋambe nti byombiriri bivunze ku njuyi zombi.

130 Nnalonda gumu ne mmala, akalulu kange nnakawa Kristo; era nteekwa buteekwa okuwangula. Ssetaani yankubako akalulu nti sijja kumalako, naye Kristo n'ankubako akalulu nti nja kumalako; naye kisinziira ku ngeri gye nsuulamu akalulu kange. Ndi musanyufu okuba nti akalulu nnakawa Ye; ensi k'eyogere kyonna ky'eyagala. Nkyakkiriza nti Ye y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ajja kukikakasa. Ddala Ajja kukikola. Mazima ddala.

Okweyongera kw'obumenyi bw'amateeka, okwonooneka kw'abaana!

131 Laba eggwanga lyaffe, lumu eryali ekimuli ky'ensi, ddemokulasiya waffe ow'ekimmemmette eyatandikibwawo edda eri mu—mu. . .ku kulangirira obwetwaze, era okulangirira obwetwaze bwe kwassibwako omukono, ne tufuna ddemokulasiya, ne bajjajjaffe abakulu abaatusooka, wamu n'ebintu bye baakola, ddala twalina eggwanga ery'amaanyi.

132 Naye kati lyonna livunze, libumbulukuka, era likankana, liggwaawo. Liri mu kugezaako kusolooza musolo ku bantu, okufuna ssente ez'okusindika emitala, okusobola okugulirira enkolagana n'abalabe baffe; nabo ne bazitukuba mu maaso. Waaliwo ssematalo eyasooka, ne wabaawo ssematalo

ow'okubiri, naye era boolekedde waakusatu. Mazima ddala. Eby'obufuzi bivunze, byonoonese, bivunze okutuukira ddala ku ntobo. Kyennyini ddala Matayo 24 kye yagamba ekiribaawo, "Eggwanga liritabaala eggwanga, obwakabaka bulitabaala obwakabaka." Ebintu bino byonna biribaawo. Kati muleke tulabe ku kino. Kale.

133 Mwekkaanye ekirala, okweyongera mu kuvumbula kw'ebya ssaayansi. Kati, lumu, bwe. . .Jjajjange omusajja bwe yagendanga okulaba jjajjange omukazi, yagenderanga mu kigaali ekisikibwa ente. Naye kati waliwo nnyonyi ewenyuka emisinde, si na kindi okwambuka waggulu mu bwengula, mu bbanga eyo ewala. Bya kitalo. . .Kitya, kino ani yakyogerako? Danyeri 12:4, wagamba nti, "Okumanya kulyeyongera mu nnaku ez'oluvannyuma." Tulaba ekiseera kye tulimu. Kati mwetegereze e—embeera ensi gy'erimu, embeera ya ssaayansi.

134 Nate mwetegereze, leero, mu nkola yaffe ey'ebyenjigiriza. Kati kino temugezaako okukisambajja. Nnina obutundu bw'olupapula lw'amawulire mwe kyakubibwa, nga bayigiriza eby'okwegatta kw'omukazi n'omusajja mu kkani-. . .mu masomero gaffe, ag'abaana abato nga babayigiriza okwegatta ne bannaabwe mu nsonga z'abakulu, balabe oba nga basobola eby'okwegatta mu nsi muno. Yee, ssebo.

135 Ate mu balyoyi b'emyoyo baffe? Akawungeezi kano nnina akatundu akaasaliddwa mu lupapula lw'amawulire. Mu kibuga Los Angeles mu ssaza ly'e California, akoogera ku kibinja ky'abakulembeze b'amadiini, Ababaputisiti n'Abapulesibeteriyani, abaweereza, abaayingiza ekibinja ky'abali b'ebisiyaga ne balya ebisiyaga, nga bagamba nga bwe baali bagezaako okubakyusa okubaleeta eri Katonda. Nga ate, ekyo kye kimu ku bikolimo by'ekiseera kino, Okulya ebisiyaga! N'ab'obuyinza baababakwata.

136 Kati tuli wa? Enkola yaffe yonna evundidde ddala nga tulaba. Ndabye okweyongera kw'okulya ebisiyaga okwetoloola Amerika nga kweyongedde nga ebitundu amakumi abiri oba asatu ku buli kikumi okusinga bwe kyali omwaka oguwedde. Ddala ekyo kirowoozeeko, omusajja okwebaka ne musajja munne, kyennyini ddala kye baakola mu Sodoma.

137 Obumenyi bw'amateeka okweyongera, okwonooneka kw'abaana! Kiseera ki kino kye tulimu? Leero Ekigambo kino eky'obunnabbi kituukiridde.

138 Ensi y'ekinnaddiini, ekkanisa yennyini, ekkanisa, ekkanisa ey'abaayitibwayo, gye tuyita ekkanisa ey'abaayitibwayo, omulembe gw'ekkanisa ogusembayo, omulembe gw'Ekkanisa y'Abapentekoote, wa w'eri? Eri mu Lawodiikiya, nga Ekyawandiikibwa bwe kigamba.

139 Leero bassizza wansi emitayimbwa. Abakazi baabwe kyenkana bayita bukunya. Abasajja baabwe ba. . .Kyennyamiza

okukamala. Abamu ku bo baakawasa emirundi nga esatu oba ena, kyokka nga batuula ku bukiiko bw'abadiikoni, n'ebirala eby'enjawulo. Baalegeyezza, ne bayingiza obwonoonefu, kubanga bassaawo obukiiko obufuga ne bakoppa ensi by'ekola.

140 Era, leero, balina ebizimbe ebiyitirivu, ebisinga ku bye baali babadde nabyo. Mu kifo ekimu, omu ku bo ali mu kuzimba kizimbe kya kkanisa kya bukadde bwa ddoola amakumi ataano, obukadde bwa ddoola amakumi ataano. Abapentekoote! Be wasanganga emmanga wano mu kkoona, emyaka abiri mu etaano egiyise, nga banyenya enseege. Naye kati bagamba mbu, "Ffe tu . . ."

141 Kubanga, Ekyawandiikibwa kigamba, mu Kubikkulirwa 3, nti oli "'Mugagga,' ogamba nti, 'Ndi mugagga. Ntuula nga kabaka omukazi. Sirina kye nneetaaga.' Naye tokimanyi nti oli munaku, asaasirwa, omwavu, ali obwereere, omuzibe, nga n'okukimanya tokimanyi!"

142 Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso go. Amiina! *Amiina* kitegeeza "kibeere bwe kityo." Sseekubira amiina, wabula kye ntegeeza kiri nti nzikiriza nti Ge Mazima. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.

143 Ekkanisa y'Abapentekoote eri mu mbeera ya Lawodiikiya. O, bakyabuuka n'okukuba enduulu, ne basagambiza nga ekidongo bwe kikuba. Naye ekidongo olusirika, oba ekidongo kino eky'okwesuukunda abamu ku bo kye bakuba ne bagamba mbu Bukristaayo, oluba okusirika kiti, nga olwo ekitiibwa kyonna tewakyali. Weewaawo.

144 Bwe libeera ttendo lya Katonda lyennyini erya nnamaddala, teriiyo ffirimbi zimala na—na maanyi gamala mu nsi gasobola kulizikiza. Bwe libeera nga ddala livudde wa Katonda, tekyetaagisa kidongo kulisiikuula. Kyetaagisa Mwoyo wa Katonda kulikkako. Ekyo kye kikikola.

145 Naye Oyo baamwerabira dda, kubanga ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu balina ettuluba mwe baakissa mbu, "obukakafu obusookerwako obulaga nti omufunye kwe kwogera mu nnimi." So nga n'emizimu wamu n'abalogo nabo nnali mbawuliddeko nga boogera ennimi.

146 Omwoyo Omutukuvu ye Kigambo kya Katonda nga kiri mu ggwe, Ekyo ekyeyoleka okuyita mu kukkiriza Ekigambo ekyo. Ebweru w'ekyo, tayinza kuba Mwoyo Mutukuvu. Bwe kigamba nti Mwoyo Mutukuvu, naye ne kibaako ekimu ku Kigambo kya Bayibuli eyo kye kisambajja, tasobola kuba Mwoyo Mutukuvu. Obwo bwe bukakafu obulaga nti okkiriza oba nedda.

147 Mwetegereze akabonero akalala akakulu. Abayudaaya bali ku butaka bwabwe; balina eggwanga eryabwe ku bwabwe, balina ssente ezaabwe, bakiika mu kibiina ky'Amawanga Amagatte. Balina eggye eryabwe. Buli kimu bakirina. Bali ku butaka bwabwe; ekyo, Yesu kye yagamba nti, "Muyigire ku

mutiini olugero lwagwo." Baabo, baddayo dda mu nsi yabwe. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde, Abayudaaya bali ku butaka bwabwe.

148 Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde, Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya.

149 Leero Ekyawandiikibwa kino, Matayo 24, kituukiridde. Ensi eri mu bwonoonefu, ekintu kyonna; amawanga gatabaala amawanga, ebikankano mu bifo eby'enjawulo, embuyaga ez'amaanyi ezeebonga nga zikunta, zikankanya amawanga, n'ebintu ebirala ebitali bimu, obutyabaga obw'amaanyi buli wamu. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.

150 Kati tulabye embeera ensi gy'erimu. Tulabye ekkanisa ey'emikolo—ey'emikolo obukolo, eyagunjibwa, ebibiina by'amadiini, ne tulaba wa we biri. Tulabye amawanga we gali. Era tukirabye nti leero ebisuubizo bino bituukiridde.

151 Kati, naye mu kiseera kino walina okujja Ezzadde lya Ibulayimu essukkulumu, ery'olulyo Olulangira. Ky'ekyo kyennyini kye Liribeera, alibeera Mugole ow'olulyo Olulangira eri Omwana ow'olulyo Olulangira, eyasuubizibwa. Nga bwe nnayogedde ekiro kya jjo, teriribeera zzadde lya mubiri, wabula liriba Zzadde lya mwoyo. Walibaawo Omugole ow'omwoyo aligolokoka, alibeera Ezzadde ery'olulyo Olulangira ery'Okukkiriza okw'olulyo olulangira okw'Omwana wa Ibulayimu ow'olulyo Olulangira. Omugole oyo wa kubaawo mu nnaku ez'oluvannyuma, era ekiseera n'ekifo ekyo kisuubizo ekyamuweebwa.

152 Okusinziira ku Kyawandiikibwa, ekya Malaki 4, wajja kugolokoka Obubaka obunaanyeenya emitima gy'abantu okugizzaayo nate eri bakitaabwe abatume. Walibaawo agolokoka, mu maanyi ga Eriya, alijja; omusajja eyamanyiira okubeera mu ttale, era alibeera n'Obubaka obuliba buddirayo ddala butereevu nate ku Kigambo. Ekyo kye kiseera kye tulimu.

153 Kaakano, mulowooze ne ku kino kati, mbabuuza mu kaseera kano, mmwe aba wano mu Jeffersonville. Mu 1933, Ekitangaala ekisukkulumye ku ky'obutonde ekyakka wansi emmanga eri ku mugga, ku lunaku olwo bwe nnali mbatiza abantu ebikumi bitaano mu Linnya lya Yesu Kristo, nga nkyali kavubuka ka myaka nga amakumi abiri. Kyagamba ki, Jeffersonville? Kyali kiki Ekyo ekyakka emmanga eri ku luguudo lwa Spring Street, olupapula lw'amawulire olwa *Courier Journal,* ndowooza lwali lwa *Louisville Herald,* kye lwawandiikako? Ne kisaasaana kiikyo mu kampuni y'amawulire eya Associated Press, ne kituuka mu Canada. Ddokita Lee Vayle n'akisala okuva mu lupapula lw'amawulire, eri mu Canada, mu 1933.

154 Bwe nnali mbatiza omuntu wange ow'ekkumi n'omusanvu, wansi w'Omujulirwa ono; ebisigadde ebikwata ku nsonga eyo mubimanyi. Era bwe nnali nnyimiridde awo, nga mbatiza

omuntu ow'ekkumi n'omusanvu, Ekitangaala ne kikka okuva mu Ggulu, nga kyakaayakana kikka okuva mu bbanga, nga Emmunyeenye egwa okuva mu Ggulu. Eddoboozi ne ligamba nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Kristo okwasooka, Obubaka bwo bujja kukulembera okujja Kwe okw'okubiri, mu nsi yonna." Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.

155 Leero! Katonda yakisuubiza. Kiki ekyabaawo? Leero Bubunye mu nsi yonna.

156 Ne Katonda lwe yakka era n'akyogera, bwe nnali nkyali kalenzi kato, mu kisaka ekyaka, manyanga engulu eri mu kisaka, omuliro bwe gwalabika n'Empagi ey'Omuliro, wano wennyini mu kifo kya Wathen ku Utica Pike; bwe nnali nsomba amazzi okuva emmanga eri, okuva ku kiyumba ky'ebisolo nga ngatwala ku ssengejjero lya wisiki, ekyo mumanyi obutuufu bwakyo. N'aŋŋamba nti, "Tofuuwanga ssigala, yadde okunywa omwenge, yadde okujaajaamya omubiri gwo, kubanga waliwo omulimu ogwakutegekerwa okukola nga okuze." Ekyo nkikakasa okuba Amazima, nti Nnagiraba. Era Katonda, nga bwe Yakola ku Musa, yayogera mu maaso g'ekibiina emmanga eri, n'agamba nti, "Gano ge Mazima."

Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu makkati gaffe.

157 Mwekkaanye kye Yayogera ku ky'okumanya ebyama ebiri mu mitima gy'abantu, ne bwe kyali kigenda okuba; okuva ku kubassaako emikono, okutuukira ddala ku kumanya ebyama by'omu mutima. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gaffe.

158 Ebisuubizo bino ebyakolebwa, mulabeeyo, ebisuubizo bino byonna byali byatuukirira era ne bikakasibwa Katonda eyabisuubiza. Mulabeeyo, kitimbiddwa mu Washington, DC, akawungeezi kano, ekifaananyi kya Malayika wa Mukama!

159 Nga George J. Lacy, akulira eby'okwekebejja ebinkumu n'ebiwandiiko mu kitongole ekikessi ekya FBI ku lwa gavumenti ya Amerika, bwe yakyekebejja mu Houston, Texas, n'agamba nti, "Kino kye Kintu kyokka ekisukkulumye eby'obutonde ekyali kikubiddwa ekifaananyi ne kkamera mu nsi yonna." Asaanye akimanye; nti y'asingayo mu nsi yonna, olw'ekyo.

160 Mwekkaanye, gyekiri Kitimbiddwa, nga Amazima, Empagi y'Omuliro y'emu eyakulembera Isiraeri luli mu ddungu. Y'eri mu kukulembera leero, n'Obubaka bwe bumu, obugamba nti, "Mufulumeeyo e Misiri!" . . .?. . . Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde. Obubaka bwe Yayogera mubumanyi.

161 Mulabe okwolesebwa okukwata ku Tucson, emyaka esatu egiyise, bwe nnali nga nyimiridde ku kkubo wano. Naye, emyaka etaano emabega nga ekyo tekinnabaawo, Yaŋŋamba nti, "Olunaku ekibuga lwe kirigaziyizibwa ne basimba enkondo

mu maaso ga ggeeti eyo, osengukanga n'odda Ebugwanjuba." Abantu bange ab'omu kkuŋŋaaniro abali wano, ekyo bakimanyi bu-. . . e—ekiseera ekyo. Bwe kiri.

162 Era olunaku Mw. Goynes ne banne lwe bajjayo, ne basimba enkondo eyo, nnagamba mukyala wange nti, "Kino nno kirina kye kitegeeza."

N'ambuuza nti, "Kitegeeza ki?"

Ne nnyingira munda ne nkebera mu katabo kange. Nga kye kiikyo.

163 Enkeera ku makya, ku ssaawa nnya, mba ntudde awo, mu kisenge kyange awo, ku ssaawa nga nnya ez'oku makya, Malayika wa Mukama n'akka. N'aŋŋamba nti, "Genda e Tucson. Oliba mu bukiikakkono bw'obuvanjuba bwa Tucson, era walijja Bamalayika musanvu nga bali mu kibinja abalinyeenya ettaka lyonna w'oliba." N'agamba nti, "Eyo gye kirikutegeezebwa."

164 Ekyo bameka abakijjukira, wano, bwe kyatutegeezebwa nga ekyabulayo ebbanga ddene kibeewo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Wano waliwo abasajja abatudde mu kizimbe kino akawungeezi kano, abaali bayimiridde awo lwe kyabaawo.

165 Ne kyogerwa nti, "Obubonero Omusanvu obw'ebyama ebikusike ebiri mu Bayibuli yonna bulibikkulwa, butuukirize Okubikkulirwa 10, awagamba nti mu Bubaka bwa Malayika ow'omusanvu ebintu bino bya kutuukirira." Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gaffe. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.

166 Omwaka oguwedde, bwe twali tuyimiridde mu kifo kye kimu, Mw. Wood ono wano nange, nga tulinnyalinnya akasozi, nga tunakuwadde, mukyala we bwe yali nga mulwadde, Omwoyo Omutukuvu yaŋŋamba nti, "Londawo ejjinja eriri awo. Likasuke mu bbanga. Bwe likomawo wansi, gamba nti, 'BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, waliwo omusango ogugenda okukka ku nsi.' Mugambe nti agenda kulaba omukono gwa Katonda, mu ssaawa entono eziddako."

167 Mw. Wood nnamugamba; waali wano akawungeezi kano. Era, ndowooza, n'abasajja abalala munaana oba kkumi, oba kkumi na bataano, abaaliwo mu kiseera ekyo lwe kyabaawo; enkeera ku makya, Mukama bwe yakka wansi mu mbuyaga eyeebonga ne yeetooloola n'eyita mu lusozi okutwetooloola, n'etemako obusanso bw'emiti ne bugwa eri, n'ebwatuka emirundi esatu ne ŋŋamba nti, "Omusango gwolekedde Olubalama lw'Ebugwanjuba."

168 Waayitawo ennaku bbiri nga ekyo kimaze okubaawo, Alaska kaabula kata ebulire wansi mu ttaka. Era okuva ku olwo, Olubalama lwonna, lubadde lujugumira olw'omusango gwa Katonda nga gulabikira ku lutimbe olwo olw'omwoyo.

Waliwo olutimbe olw'ekyuma, waliwo olutimbe olw'amabanda, n'olutimbe olw'ekibi.

169 Obugunjufu butambuliddenga wamu n'enjuba; n'Enjiri nayo bw'etyo. Byombi byava buvanjuba ne byolekera ebugwanjuba, nga n'enjuba bw'etambula. Era kati Enjiri eri ku Lubalama olw'Ebugwanjuba. Tesobola kweyongerayo; bwe Yeeyongerayo, Ejja kudda buzzi buvanjuba nate.

170 Nnabbi yagamba nti, "Walibaawo olunaku olutayinza kuyitibwa kiro oba misana," nga lunaku lwa kikome, nga enkuba nnyingi ate n'ekifu kingi, nga bikumala bumazi kumanya ngeri gy'oyinza kwegatta ku kkanisa oba okwewandiisa erinnya lyo mu kitabo kyayo. "Naye walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi." Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.

171 E-n-j-u-b-a y'emu—y'emu evaayo ebuvanjuba y'e-n-j-u-b-a y'emu egwa ebugwanjuba. Bw'atyo n'O-m-w-a-n-a wa Katonda y'omu eyava ebuvanjuba ne Yeeyoleka nga bw'ali Katonda ayambadde omubiri, ye M-w-a-n-a wa Katonda y'omu ne wano mu kitundu ky'ensi eky'ebugwanjuba, Yeeyoleka kaakano mu kkanisa akawungeezi kano, nti aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Omusana ogw'akawungeezi ogw'Omwana guzze. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde gye tuli.

172 Tuli ludda wa mu mulembe gwa Ibulayimu guno? Tuli wa mu kiseera kino ekikulu kye tulimu, mu kaseera kano akakulu ke tulimu? Okwolesebwa kwonna kutuukiriziddwa.

173 Ate omuweereza mukwano gwaffe wano, ow'emu ku kkanisa gye tukolagana nayo, ayitibwa Junior Jackson, lumu eyajja gye tuli akawungeezi nga adduka, lwe nnali wansi awo, n'agamba nti, "Nnina e—ekirooto kye nnaloose, Ow'oluganda Branham, ekintawaanya. Nnalabye ab'oluganda bonna nga bakuŋŋaanidde ku kasozi." N'agamba nti, "Ku kasozi kano, wabaddeko n'ennyukuta z'otuyigiriza ezaawandiikibwa, nga kirabikanga, ennyukuta ezimu awaali wayise ebbanga eddene kasookedde ziwoolebwa mu lwazi. Ekyo bwe wakimaze, nga ebyo byonna biwedde, watugambye, nti, 'Musembere kumpi,' era ffenna ne tukuŋŋaana."

174 N'agamba, "Olina we wakutte, era kyalabisenga, we wasowodde ekintu ekyefaananyiriza omutayimbwa gwe bakuuza ebyuma n'okuba entikko ya ka piramiidi kano n'ogitikkulako ne kasaanukuka. Era, bwe kaasaanukuse," n'agamba nti, "twalabyemu ejjinja eritemagana eritawandiikiddwaako kintu kyonna. N'otugamba nti 'mulyetegereze.'" Era mwenna. . . "Ffenna ne tulyekaliriza." N'agamba nti, "Nnakyuse, nagenze okulaba nga oyolekedde ebugwanjuba, nga oyanguwa nnyo nga bw'osobola, nga oyolekedde enjuba gy'egwa." Bameka abakijjukira? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

175 Ne nsigala awo nga nnyimiridde okumala akaseera okutuusa Omwoyo Omutukuvu lwe yakimbikkulira. Ne ŋŋamba nti, "Bayibuli yonna, ebyo byonna ebibikkuliddwa eri omuntu, okuyita mu kuggyibwako omusango, okutukuzibwa, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okubatizibwa mu Linnya lya Yesu, n'ebintu bino byonna, byonna byabikkulibwa; naye waliwo ebyama ebyakwekebwa munda, kubanga Bayibuli esibiddwa n'Obubonero Omusanvu. Nteekwa okugenda nzuule amakulu gaabwo."

176 Ku olwo ku makya Bamalayika abo omusanvu bwe bakka ensi n'eyuuguuma, enjazi ne zimansukira buli wamu, Bamalayika musanvu baayimirira awo ne baŋŋamba nti, "Ddayo e Jeffersonville gye wava, kubanga Obubonero Omusanvu obw'ebyama omusanvu bujja kubikkulibwa."

177 Tuutuno wano, leero, nga tutegeera bulungi *Ezzadde ly'Omusota*. Mu nnaku ntono, Katonda bw'anaaba ayagadde, tujja kufuna okutegeera okutuufu okukwata ku *Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Wamu n'ebintu bino byonna Katonda by'abikkudde, buli Kabonero, ebyama byonna okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi. Era tubaddenga mu ssanyu, ery'Okubeerawo kw'emikisa Gye! Bwe kiri. Leero, Ekyawandiikibwa kino!

178 Akatabo ka *Life* magaziini kaakiwandiikako nga kagamba nti, "Enkulungo y'Ekitangaala eyanaamiriza erabiddwa mu bbanga waggulu wa Tucson ne Phoenix," mu ngeri y'emu nga bwe nnakibagambako nga wakyabulayo nga omwaka mulamba kiryoke kibeewo, ne mbagamba bwe kyali kigenda okuba, era nga kiriba mu nkula ya njuyi ssatu. Ekifaananyi gyekiri kitimbiddwa mu kkanisa emmanga eri. Mmwe abaatwala magaziini mukirina. Nga ky'ekyo kyennyini, ddala. Baagamba, "Kiri mu mayiro abiri mu musanvu waggulu mu bbanga ate kiriko obugazi bwa mayiro asatu." Ekyabaawo tebaakitegeera. Kyalabika mu ngeri ya kyewuunyo ate era ne kibulawo mu ngeri ya kyewuunyo.

179 Ow'oluganda Fred Sothmann, Ow'oluganda Gene Norman nange, twali tuyimiridde awo, ssatu muwendo gwa bujulirwa, nga bwe kyali ku lusozi waggulu bwe waaliyo: Peetero, Yakobo, ne Yokaana, okuba abajulirwa, twaliwo awo nga tuyimiridde era twakiraba bwe kyabaawo, ne tukiraba n'okukiraba nga kikolebwa.

180 Kiikyo, nga kirengejjera mu bwengula; waggulu ddala, awatali mazzi, awatali tuzzizzi twonna oba ekintu kyonna ekisobola okukola o—olufu. Byandituuseeyo bitya? Bano baali Bamalayika ba Katonda nga baddayo, oluvannyuma lw'okuleeta Obubaka bwabwe. Leero obunnabbi obwo butuukiridde mu makkati gaffe. Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.

181 Mwetegereze, Obubonero Omusanvu bubikkuddwa. Empewo eyeebonga eri ku Lubalama lw'Ebugwanjuba. Kaakano, temukisubwa, nga bwe baakisubwa luli.

182 Kati, essira, ka twongere okulisembeza ku kiseera kyaffe. Ebyawandiikibwa byogera ki ku nnaku zino, n'ekiseera mwe tuli? Yesu bwe yali ayogera . . . Ssirina budde bumala kubyogerako byonna, naye kino njagala nkikwateko nga tetunnamaliriza.

183 Yesu yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Lukka essuula ey'e 17, olunyiriri olwa 30. Yesu Kristo, Kigambo Mwene! Ekyo mukikkiriza? Yesu Kristo, Kigambo Mwene, nga ayambadde omubiri, yayogera n'ategeeza kiki Ekigambo kye kiriba mu kiseera eky'enkomerero, na kabonero ki akalibaawo ku nkomerero y'ensi. Yabagamba nti eggwanga liritabaala eggwanga eddala, naye n'Agamba nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba ne mu kiseera Omwana w'omuntu mw'alibikkulirwa."

184 Kati, Yesu bwe yajja ku nsi, Yajjira mu linnya ly'Omwana emirundi esatu: Omwana w'omuntu, nga ye nnabbi; Omwana wa Katonda; n'Omwana wa Dawudi.

185 Kati, Yali wano ku nsi. Teyagambako nti Ye Mwana wa Katonda. Yagamba nti, "Nze Omwana w'omuntu." Ezekyeri ne bannabbi abalala Yakuwa Mwene yabayitanga, "Omwana w'omuntu." Kubanga, Yalina okujja atuukirize Ebyawandiikibwa nga nnabbi. Musa yagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi alinga nze." Eyo y'ensonga lwaki awo Yali tasobola kuba Mwana wa Katonda, kubanga Yali Mwana wa muntu. Ye . . . "Ekigambo kyajjanga eri bannabbi." Ate Ye yali Ekigambo mu bujjuvu bwa Kyo. Omwana w'omuntu, nna—nnabbi omukulu . . . Si nnabbi omukulu, wabula Nnabbi-Katonda, "Obulamba bwa Katonda bwonna bwali mu Ye mu mubiri." N'olwekyo, yali Omwana w'omuntu.

186 Kati, okumala emyaka enkumi bbiri, tubadde tumumanyi nga Omwana wa Katonda, Omwoyo.

187 Ate mu kufuga okw'Emyaka olukumi, Alibeera Mwana wa Dawudi, nga ali ku Ntebe ey'obwakabaka. Ekyo ffenna tukimanyi, abakkiriza Ebyawandiikibwa.

188 Kati, Yesu yagamba, nti ku nkomerero y'omulembe gw'ekkanisa guno gwe tulimu, nti "Omwana w'omuntu aliddamu n'abikkulwa mu ngeri y'emu, nga bwe kyali, nga bwe kyali e Sodoma."

189 Mwekkaanye, engeri gye Yakyolekamu, nga asinziira ku byali byaliwo. Yagamba nti, "Nga bwe kyali mu nnaku," okusooka, "eza Nuuwa, nga bwe baali balya, nga banywa, nga bawasa, nga bawayira." Oluvannyuma n'Aleeta, n'azzaako, kye yasembyayo, eky'Omwana w'omuntu, e Sodoma. Kubanga, wali Yali Akolagana na Bayudaaya; wano, e Sodoma,

Akolagana n'Ab'amawanga. Wali, bonna Yababbiza mu mazzi n'abasaanyaawo, nga omusango; wano, eri Ab'amawanga, Yabookya lumu bonna mu kiseera kya Sodoma. Bwe kiri. Ab'amawanga baayokebwa muliro mu kiseera ekyo, "era bwe kiriba Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa." Tegaliba mazzi nate, wabula guliba muliro ku mulundi guno. Yesu yasoma mu Lubereberye 23 we wamu naffe we tusoma, bwe Yali asoma ebikwata ku Sodoma.

190 Kati, tukkiriza embeera ezoogerwako, embeera ya Sodoma ensi mw'eribeera, ey'Ekisodoma, embeera ya Sodoma. Ffenna, buli omu, ajja kugamba nti "amiina" eri ekyo. Ekyo tukikkiriza. Kale.

191 Ne ku mbeera ey'omwoyo eya Lawodiikiya, ey'ekkanisa ey'omubiri, awo nawo tujja kugamba nti "amiina" eri ekyo, tukkirize n'obubonero bwabwe. Tukimanyi bulungi nti buli kabonero weekali. Era ekkanisa eri mu Lawodiikiya. Ekyo tukimanyi.

192 Tukimanyi nti ensi eri mu mbeera nga ey'e Sodoma. Si bwe kiri? Ekyo tukikkiriza.

193 Naye ate kiri kitya ku kabonero ka Ibulayimu, oyo alindiridde omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa? Ako nako kaali kabonero kalala.

194 Mujjukire nti, erudda eri baalina Sodoma; baalina omubaka waabwe. Ne Ibulayimu naye yalina Omubaka eyamutumirwa.

195 Ibulayimu yalindiriranga, lunaku ku lunaku, nga alindirira, ekintu kyenkana ekyali kitasoboka kubaawo. "Saala, nga wa myaka kyenda, nga ye wa kikumi." Okusinziira ku kisuubizo kya Katonda, yali akyalindiridde. Wakati mu kusekererwa kwonna, yali alindiridde omwana oyo.

196 N'omukkiriza omutuufu bw'atyo bw'ali nga akyalindiridde Omwana oyo eyasuubizibwa okudda! Mwekkaanye nti, waliwo akabonero akaasooka okumuweebwa, omwana n'alyoka azaalibwa. Akabonero k'Omwana ow'okujja ssi kaakubikkulibwa eri Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira eririndiridde Omwana ow'olulyo Olulangira, nga bwe kaabikkulibwa eri jjajjaffe Ibulayimu ku lw'omwana oli ow'omubiri? Bwe kityo si bwe kiri? Yesu bw'atyo bwe yayogera, wano mu njiri y'Omutukuvu Lukka 17:30, "Nga ekiseera kino tekinnatuuka," nti "Omwana w'omuntu alibikkulwa nga bwe Yakola mu biro bya Sodoma, Sodoma bwe kyali tekinnazikirizibwa." Kati tunoonya akabonero.

197 Kati leka twetegereze embeera y'ekiseera ekyo nga bwe yali e Sodoma. Mwekkaanye, bonna baggwera mu Sodoma, ensi yonna.

198 Ndowooza waliwo omu ku badayirekita ba firimu eyafulumya ffirimu, ebbanga ssi ddene nnyo gye buvuddeko, ne nfuna akakisa okugiraba, era yali ekwata ku, *Sodoma*.

Bw'ofunanga akakisa okugiraba teriimu kintu kirala kyonna okuggyako ebyo, ogyekkaanyanga. Mazima ddala kifaananyi kyennyini ekyoleka eggwanga lya Amerika bwe liri leero, Hollywood, yennyini ddala; ennyambala y'emu na buli kimu kyonna kye baakola mu kiseera kiri; ettamiiro eriyitiridde na buli kimu, akabondo k'enzikiriza enkyamu ak'abantu abamu, abeeyita ab'omwoyo.

199 Mwekkaanye, kati Sodoma yalina omujulirwa, era yali musajja eyali ayitibwa Lutti, eyali omwana wa muganda wa— wa Ibulayimu.

200 Kati, Ibulayimu teyaserengeta mmanga mu Sodoma, ye n'ekibinja kye. Yalina ekibinja ekinene ddala, ekyali kisobola okulwanyisa n'okutwalaganya bakabaka abawerako wamu n'amagye gaabwe. N'olwekyo, yalina ekibinja ekinene ddala. Kati aba atudde wansi w'omuvule, lumu, ebintu byonna bwe byali bimwonoonekedde; nga buli omu amwesambye, naye yali akyekutte ku kisuubizo ekyo.

Kaakano mwekkaanye, n'obwegendereza, nga tetunnamaliriza.

201 Aba ali awo atudde, ne wajja abasajja basatu, nga batambula bajja gy'ali. Ababiri ku bo ne baserengeta e Sodoma ne bababuulira Enjiri, okuggyayo, Lutti. Si bwe kyali? Naye Omu n'asigala ne Ibulayimu. Mwetegereze, Oyo eyasigala ne Ibulayimu yali Katonda Mwene. Bali ababiri baali Bamalayika ababaka.

202 Kati, emmanga mu Sodoma, tebaakolayo byamagero byonna, okuggyako okubaziba amaaso. Era okubuulira Enjiri bulijjo kubaziba amaaso.

203 Kati mwetegereze embeera eyaliwo mu kiseera ekyo bwe yali. Waaliwo ekkanisa ey'omubiri. Lubeerera mu bisatu, nga bwe nnagambye ekiro kya jjo, Katonda mw'akiikirirwa. Waaliwo Abasodoma, Abalutti, n'Abayibulayimu. N'akawungeezi kano, ensi eri mu mbeera y'emu eyaliwo mu kiseera ekyo.

204 Muleke mbeeko ne kye mbabuuza. Kati mwetegereze embeera eno eyaliwo. Ibulayimu Omusajja ono eyayogera naye yamuyita, "Elohim." Ekigambo ky'Olwebbulaniya *Elohim* kitegeeza "Oyo eyeemalirira mu byonna, Oyo Ataggwawo," Elohim, Katonda Mwene!

205 Ku lubereberye, Lubereberye 1, wagamba nti, "Ku lubereberye Katonda . . ." Awo teekawo Ekigambo ky'Olwebbulaniya, ntegeeza, eky'Oluyonaani, manyanga, "Ku lubereberye *Elohim* yatonda eggulu n'ensi."

206 Wuuno, wano, mu Luberyeberye, nga 22 wano, Addamu n'ayogera, manya—manya nga ku lwa 20, Agamba nti, n'ayita erinnya ly'Omusajja ono "Elohim." Lwaki yakikola? Katonda, yakiikirirwa mu mubiri gw'omuntu, n'atuula ne Ibulayimu

n'alya sandiwiici y'ennyama y'ennyana, n'anywa ne ku mata, n'alya ne ku mugaati. Katonda Mwene, oluvannyuma n'abula ku Ibulayimu.

207 Naye Yamuwa akabonero. Mwekkaanye. Era akabonero ako kaali nti Yakuba weema omugongo.

208 N'ekirala mujjukire nti, Ibulayimu, erinnya lye yali *Ibulaamu* ennaku ntono emabegako nga ekyo tekinnabaawo, ne Saala yali *Salaayi* nga ekyo tekinnabaawo; S-a-l-a-a-y-i n'akyusibwa n'ayitibwa S-a-a-l-a, I-b-u-l-a-a-m-u n'akyusibwa n'ayitibwa I-b-u-l-a-y-i-m-u. *Ibulayimu* litegeeza "kitaawe w'amawanga."

209 Kati mwekkaanye nnyo n'obwegendereza wano, tugenda kulaba ekifaananyi ky'ekiseera kye tulimu kati, nga Yesu bwe yatugamba okunoonya ekifaananyi kino. Biri ebirala byonna tubirabye nga ddala bwe biri; kaakano leka tulabe ku ludda olw'Ezzadde ery'olulyo olulangira, kifaananyi ki kye balina okulaba.

210 Kati Omusajja ono yabuuza nti, "Ibulayimu, mukyala wo aliwa, Saala?"

Ibulayimu n'amuddamu nti, "Ali mu weema, emabega Wo."

211 Kati, Yali tamulabangako. Yamanya atya nti erinnya lye ye *Ibulayimu*? Yamanya atya nti erinnya ly'omukazi ye *S-a-a-l-a*? "Ibulayimu, mukyala wo aliwa, Saala?"

N'amuddamu nti, "Ali mu weema, emabega Wo."

212 N'agamba nti, "Nze. . ." "Nze," nnakasigirwa ey'omuntu. "Ŋŋenda kukukyalira okusinziira ku kisuubizo. Mukyala wo alizaala omwana oyo. Onneesize, kati Ŋŋenda kukituukiriza."

213 Kati Saala, emabega, mu weema, nga alumika oba kulumika bye baali boogera, kyonna kye mukiyita, nga awuliririza mu weema, n'asekera mu kimugunyu, n'agamba nti, "Naye kati, nze, omukazi omukadde nga nze, nfune essanyu ne mukama wange; naye, akaddiye bw'atyo, ow'emyaka ekikumi? Nga, kino kimaze emyaka, n'emyaka nga tekibaawo."

214 Kati Omusajja, O-m-u-s-a-j-j-a, nga atudde awo alya, nga ayambadde omubiri ogw'omuntu, anywa era nga alya nga omuntu owa bulijjo; nga alina n'enfuufu ku ngoye Ze, yalina n'enfuufu ku bigere Bye, Ibulayimu n'aginaazaako. Katonda, Mwene, n'akyusa amaaso, n'Abuuza nti, "Lwaki Saala asese, emabega mu weema, nga agamba *bw'ati*?" Yakitegeera, yali asobola okutegeera ebirowoozo bya Saala mu weema mwe yali, emabega We. Si bwe kiri?

215 Kati, Ensigo ya Ibulayimu ey'olulyo Olulangira bwe yajja ku nsi, kabonero ki ke yalaga? Omwana w'omuntu. Simooni lumu yajja gy'Ali; Andereya yamuleeta. N'amugamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni. Oli mutabani wa Yona," bw'atyo bwe Yamugamba. Mukiraba, ekyo kyamufuula omukkiriza.

216 Firipo n'agenda n'ayita Nassanayiri, n'akomawo. N'amugamba nti, "Jangu, olabe Omusajja gwe—gwe tuzudde: Yesu ow'e Nazaleesi, mutabani wa Yusufu."

217 N'amugamba nti, "Naye naawe sooka olindeko. Waliwo akalungi konna akasobola okuva mu buzoole obwo?"

Ye n'amugamba nti, "Jangu, weerabireko."

218 Kati Firipo bwe yatuuka mu Maaso ga Yesu, ne Nassanayiri, Yesu n'amutunuulira n'agamba nti, "Laba Omuyisiraeri wawu ataliimu bukuusa."

N'amubuuza nti, "Labbi, wammanya ddi?"

219 N'amugamba nti, "Nnakulabye, nga Firipo tannakuyita, bwe wabadde okyali wansi w'omuti."

220 N'agamba nti, "Labbi, Ggwe Mwana wa Katonda. Ye ggwe Kabaka wa Isiraeli!"

221 Mukazi wattu oli eyali ku luzzi, mu mbeera ye ey'obwenzi, bwe yajja, ka tugezeeko okulaga ekyaliwo bwe kyali, nga azze okusena amazzi. Yesu abayigirizwa Be yali abatumye, okugenda okugula emmere. Omukazi bwe yasembera okusena amazzi, Yesu n'amugamba nti, "Mpa ku mazzi, nnyabo."

222 Omukazi n'amuddamu nti, "Togwanidde kwogera bw'otyo. Wano waliwo okusosolagana mu mawanga. Kati, mmwe Abayudaaya temukolagana naffe Abasamaliya; naffe tetukolagana nammwe."

223 Ye n'amugamba nti, "Naye, nnyabo, ssinga obadde omanyi gw'oyogera naye, ggwe wandisabye Nze amazzi. Nnandikuwadde amazzi n'otaddamu kujjanga wano kusena."

224 N'ategeera embeera gye yalimu, bwe yali. N'amugamba nti, "Genda okime balo mujje wano."

Omukazi n'amugamba nti, "Ssirina baze."

225 N'amugamba nti, "Ago oyogedde mazima. Wakabeera na bataano, era ne gw'oli naye kati naye si wuwo."

226 Omukazi n'agamba nti, "Ssebo, ndaba nga Oli nnabbi. Tumanyi nga Masiya bw'alijja alitulaga ebintu bino."

Yesu n'amugamba nti, "Ye Nze."

227 Omukazi olwawulira ekyo, n'adduka n'agenda mu kibuga n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja ambuulidde bye nnakola. Ono si Ye Masiya yennyini?"

228 Mwetegereze, ekyo Yakikola mu maaso g'Abayudaaya, n'Abasamaliya, naye teyakikolako mu maaso g'Ab'amawanga. Ab'amawanga, ffe, twali bakaafiiri mu biro ebyo, amawanga amalala gonna, nga embuukuuli tuzisitulira ku bibegabega, tusinza bifaananyi. Tewali Masiya gwe twali tunoonya.

229 Alabika eri abo bokka abamunoonya, n'olwekyo tuteekwa okuba nga tumunoonya.

230 Naye abo abaagamba mbu bamunoonya, ekkanisa yennyini, ekyo bwe baakiraba nga kikolebwa, ate baamuyita, “Ssetaani. Mulubaale, Beruzebuli!”

231 Era Yesu yagamba nti, “Ekibi ekyo kyali kisobola okubasonyiyibwa,” kubanga awo Yali tannafa. “Naye,” n’agamba nti, “lumu Omwoyo Omutukuvu alijja n’akola ekintu kye kimu, naye okumwogerako ekigambo kimu eky’okumuvvoola tekirisonyiyibwa.” Ekyo ky’ekiseera kino, buli Kigambo we kikwataganira awamu kyonna. “Okumwogerako ekigambo kimu eky’okumuvvoola; tekirisonyiyibwa mu nsi eno oba mu ensi ejja.”

232 Eyo y’eyali Ensigo ya Ibulayimu ey’olulyo Olulangira. Era wano Ensigo ya Ibulayimu eyo ey’olulyo Olulangira, eyajja olw’okukakasibwa kw’Omusajja oyo nga atudde awo ne Ibulayimu, yajja okukakasa nti ye Katonda y’omu, eyasuubiza n’eri ekiseera kino nti, “Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kiriba ne mu kujja kw’Omwana w’omuntu, bw’Aliba yebikkula Ye kennyini nga Omwana w’omuntu.” Amiina. Kino kye kiseera ky’okutuukirizibwa kw’Ekyawandiikibwa kino.

233 Tunuulira embeera mwe tuli leero. Tunuulira ekkanisa Omwana wa Katonda mw’a . . . Tunuulira olunaku olw’ekikome. Tunuulira obunnabbi bwonna. Kati, ekyewuunyisa, naffe abagenyi baffe kye kiseera batuuke we basuubirwa, bwe kiba nti embeera erina okuba nga bwe yali e Sodoma.

234 Luli wajja abasajja basatu, abasajja basatu ab’enjawulo abaasindikibwa okuva mu Ggulu. Ekyo tukkiriza nti bwe kyali. Baali basatu; Omu yasigala ne Ibulayimu. Bonna baatandikira awo, naye Omu ye yasigala ne Ibulayimu. Abasigadde ne baserengeta e Sodoma. Si bwe kiri? Era Ibulayimu yali yakyusibwa erinnya, okuva mu kubeera Ibulaamu nga yafuuka Ibulayimu. Kituufu?

235 Tewabangawo mulundi gwonna mu byafaayo, ekkanisa ey’ensi, lwe yali efunye omubuulizi w’enjiri okugenda gy’eri, nga alina erinnya erisembyayo n’ennyukuta h-a-m, okutuusa mu kiseera kino Billy G-r-a-h-a-m. Si bwe kiri? G-r-a-h-a-m, lya nnyukuta mukaaga. I-b-u-l-a-y-i-m-u lya nnyukuta musanvu. [Ibulayimu lirina ennyukuta musanvu mu Lungereza.—Omuvvuunuzi.] Naye G-r-a-h-a-m, lya nnyukuta mukaaga, ekitegeeza ensi, omuntu obuntu. Mukiraba?

236 Mwekkaanye ekyaliwo luli, ky’ekiriwo ne leero, be babaka bali abaava mu Ggulu.

237 Waliwo omusajja yenna ku nsi eyali abuulidde okwenenya mu bulambulukufu nga Billy Graham? Waali wabaddewo omusajja yenna eyali akutte ku bantu, nga Billy Graham? Tewabangawo, musajja bw’atyo, mu nsi yonna. Bano, ba Billy Sunday, n’abalala, bali wano mu Amerika, naye Billy Graham

amanyiddwa mu nsi yonna. Mulaba gy'abayita okuva? Kuva mu Sodoma.

238 Alina ne munne amuyambako eri mu kkanisa y'Abapentekoote, nga ye Oral Roberts.

239 Kati kiri kitya ate ku kibiina ky'Abalonde? Balina kulaba kabonero ka ngeri ki? Kiki kye balina okuba nakyo? Aleruuya! "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi." Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde. Leero ekisuubizo kya Katonda kituukiridde. Ago tumanyi nga Mazima. Ali wano akawungeezi kano nga bwe Yali mu kiseera kiri.

240 Kati, okukibuulira, nga bwe nnagambye akaseera katono akaayise, bw'obaako ekintu kyonna ky'obuulira nga ekintu ekyo ddala ge Mazima g'Enjiri, awo Katonda ekintu ekyo avunaanyizibwa okukikakasa. Kituufu? Kaakati, ekyo bwe kiba bwe kityo, leka Katonda eyawandiika Ekigambo, leka Katonda eyakola obunnabbi, leka Katonda oyo nga ye Katonda w'Ekigambo, ajje akakase nti Akyali Katonda.

241 Nga Eriya bwe yali ayambuka waggulu ku lusozi; nga yeekaliriza, Erisa yagenda yeekaliriza Eriya amaaso, yamugamba nti, "Njagala omugabo gwa mirundi ebiri." Era omunagiro ogwali ku Eriya ne gugwa ku Erisa. N'aserengeta, n'afunya omunagiro ogwo n'agukuba ku mugga, n'agamba nti, "Ali luuyi wa Katonda wa Eriya?" Era ekintu kye kimu ekyabaawo ku Eriya, ne kibaawo ne ku Erisa.

242 Kati n'Enjiri y'emu, Amaanyi ge gamu, Omwana w'omuntu y'omu eyabaddewo eggulo, waali leero, era ajja kubaawo emirembe gyonna. Abaebbulaniya 13:8. Mukikkiriza Ekyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati nno, mbabuuza. Ssisobola kuba Ye, naye Ali wano. Ffe tuli kikozesebwa.

243 Abamu ku mmwe abali eyo, abalwadde n'abanyigirizibwa, abamanyi nti ssibamanyi, kaakano leka Katonda . . . ssinga nsobola okwewombeeka ekimala. Musabe mwegayirire Katonda.

244 Ssisuubira nga . . . Leero tewaliiwo kaadi ya baakusabirwa mu kizimbe, waliwo? Nedda, ssi . . . Tetwagabye kaadi za baakusabirwa. Tugenda kubeera n'olukuŋŋaana lw'okusaba ku . . . manya olw'okusabira abalwadde, ku kkanisa. Naye, musabe.

245 Kati mumanyi bulungi nga ssirina kye mbamanyiiko yadde. Olaba, kati mmwe ab'omu Jeffersonville, mummanyi! Ekyo saagala bantu ba mu Jeffersonville kukikola. Njagala abantu okuva mu bitundu ebirala ebitali bya wano. Tulabe oba nga Katonda akyabikkula! Tulabe oba nga Akyali y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna!

246 Kola nga omukazi oli bwe yakola. Yesu yali ayitawo, omukazi n'agamba nti, "Omusajja ono mmukkiriza." Yalina

ekikulukuto ky'omusaayi, kale n'agamba nti, "Ssinga nsobola okukwata obukwasi ku lukugiro lw'ekyambalo Kye, nzikiriza nja kuwonyezebwa." Si bwe kyali?

247 Olw'okukkiriza kwe, ku olwo, Ekyawandiikibwa kyatuukirizibwa. "Yasiba emitima egimenyese, yawonya abalwadde n'abalema."

248 Bwe yakoma ku kyambalo Kye, n'avaawo n'agenda n'atuula, Yesu n'akyuka n'abuuza nti, "Ani ankomyeko?" Yakimanya atya, mu nkuyanja y'abantu abo bonna abaaliwo, oba oli awo abaali bakubisaamu emirundi asatu abali wano akawungeezi kano, nga bali mu nkumi na nkumi? Yakimanya atya? Yabuuza nti, "Ani ankomyeko?" Ekyo teyakyogera kumala googera bwogezi; wabula Yakyogera kubanga kyali kituufu. N'abuuza nti, "Ani ankomyeko?" Era bwe Yeetoolooza amaaso ati n'alengera omukazi oli bambi, we yali atudde oba we yali ayimiridde, wonna we yali, n'amugamba nti ekikulukuto kye eky'omusaayi kikomye.

249 Oyo ye yali Yesu jjo. Y'omu ne leero. Ekyo mukikkiriza?

250 Sikumanyi; naye ye Katonda akumanyi. Naye olina obulumi mu mbiriizi, obukutawaanya. Ekyo bwe kiri. Otudde awo okisabira. Ssikumanyi, era ffembi tetumanyiganye? Yimirira, bwe kiba nga bwe kiri. Sikumanyi. Ŋŋamba *ono* omusajja ali wano eno mu nsonda, ono omuvubuka. Naawe olina emimiro emirwadde. Ekyo bwe kiri. Oli mu kukisabira. Waliwo ekintu ekikweraliikirizza. Olukuŋŋaana ogenda kulufulumamu kubanga, oli muweereza, waliwo enteekateeka z'olina okugenda okukolako. Ekyo bwe kiri. Uh-huh. Okkiriza nti Katonda amanyi erinnya lyo? Lev. Mw. Smith, kati osobola okugenda era owonyezeddwa. Yesu Kristo akuwonyezza. Genda mu lukuŋŋaana lwo; emimiro tegijja kuddamu kukutawaanya.

Ani gw'akomyeko?

251 Waliwo omusajja atudde erudda *wano*; alumizibwa. Alina ekizimba mu mawuggwe ge ag'oku ludda olwa kkono. Ta . . . Tabeera mu kitundu kino. Obadde okola mu kirombe. Bwe kiri. Ssikumanyiiko yadde. Ekyo bwe kiba nga kituufu, nkwataako mu ngalo. Ekizimba kiri mu mawuggwe go ag'oku ludda olwa kkono, era obadde ogenda kulongoosebwa. Bwe kiri? Toli wa mu kitundu kino. Ova bweru wa kibuga. Ova mu Virginia. Ekyo bwe kiri. Okkiriza nti Katonda amanyi erinnya lyo? Mw. Mitchell, lye linnya lyo, genda eka owonyezebwe. Yesu Kristo akuwonyezza. Omusajja mumubuuze! Ssimulabangako, mu bulamu bwange. Abadde atudde awo, nga asaba.

Leero Ekyawandiikibwa kino!

252 Waliwo omukyala atudde emabega wano, emabega wange, nga Saala bwe yali mu weema. Asabira muwala we. Yimirira. Muwala we taliiwo wano; alina w'ali, muwala we. Era ofaananako na kiri omukazi bwe yajja eri Yesu, eyalina

omukazi eyali atawaanyizibwa ennyo dayimooni. Omukazi a . . . muwala wo aliko dayimooni. Taliiwo wano. Ava mu . . . Ova mu North Carolina. Ekyo okikkiriza? Era ago ge mazima, si bwe kiri? Muky. Orders, osobola okweddirayo eka. Bw'onakkiriza n'omutima gwo gwonna, muwala wo ojja kumusanga nga oli bwe yasanga owuwe mu kiseera kiri, Yesu Kristo bwe yamugamba nti awonyezeddwa.

253 Leero Ekyawandiikibwa kino; akabonero ka Sodoma, akabonero k'Ensigo ensukkulumu, n'akabonero k'ekkanisa ey'omubiri! Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu makkati gammwe. Mukikkiriza?

254 Munaamukkiriza kaakano nga Omulokozi wammwe era nga Omuwonya wammwe? Muyimirire ku bigere byammwe, buli omu ku mmwe, mugambe nti, "Nzikiriza okuwonyezebwa kwange. Mmukkiriza nga Omulokozi wange. Mmukkiriza nga Kabaka wange." Buli omu yimirira ku bigere byo.

Leero! Muwulirize, mikwano gyange.

255 "Yasoma Ekyawandiikibwa, Bayibuli n'agiddiza kabona, era," n'agamba nti, "abantu bonna baali bamusimbye amaaso. Ye n'abatunuulira, n'agamba nti, 'Leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde.'"

256 Nange nsomye Ekyawandiikibwa, ne mbawa n'obukakafu obw'enjawulo obusoba mu daziini obulaga nti tuli mu kiseera kya nkomerero, omulembe ogunaalaba Yesu Kristo nga akomawo ku nsi. Era nziramu okubategeeza akawungeezi kano, nate, nti leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gammwe.

257 Mmwe abali mu Tucson, mmwe abali mu California, mmwe abali mu New York, abayungiddwa ku mikutu gy'essimu gino, leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gammwe.

258 Leka tusanyuke era tujaguze, kubanga Embaga y'obugole ey'Omwana gw'endiga esembedde, n'Omugole We . . . Omugole We yeeteeseteese.

259 Leka tuyimuse emikono gyaffe tumuwe ekitiibwa, bantu mmwe mwenna. Katonda abawe omukisa.

65-0219 Leero Ekyawandiikibwa Kino Kituukiridde
mu ssomero lya Parkview Junior High School
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky’obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky’awaka nga eky’omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky’okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky’okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw’ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.


Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:


VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org